الدروس المهمة لعمة الأمة
فى اللغة اللوغندية

EMISOMO EMIKULU ERI OMUSIRAAMU OWABULIJJO.

لسماحة الشيخ: عبد العزيز بن عبدالله بن باز.

KYAWANDIIKIBWA:

SHEIKH: ABDUL AZIIZ BUN ABDALLAH BUN BAAZ.

KIVVUNUDDWA:

FAROOQ ABDULNOOR NTANDA.

KIKAKASIDDWA:

SHK: ABDULRAHMAAN IBRAHIIM MUKISA.

EBIRI MUKITABO KINO.

OMUTWE **OLUPAPULA**

بسم الله الرحمن الرحيم

ENNYANJULA

Mazima amatendo amalungi, amajjuvu ga Allah owekitiibwa nannyini buyinza, tumutendereza, netumusaba okutuyamba, netumwenenyeza era netumusaba okutusonyiwa, twewogoma gyaali okuwona obubi bw'emyoyo gyaffe n'emirimu gyaffe emibi, oyo yenna Allah gwaba alungamizza teri ayinza kumubuza ate negwaba abuzizza teri ayinza kumulungamya, njatula n'olulimi lwange nenkakasa n'omutima gwange nti tewaliiwo asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka, era nga talina kimwegattako mubufuzibwe nemukuteekerateekera ensi eno, Era nkakasa nti mazima Nabbi Muhammad (emirembe n'okusasira kwa Allah bibeere kuye) muddu we era mubaka we. Nensaba Allah asaasire abenyumba ye wamu ne baswahaba be nabuli yenna abagoberera mukkola n'okulagirira empisa ennungi okutuusa Allah lwalizingako ensi eno. Allah y’agamba:

قَالَ تعَـالَىٰ: ﴿ يَـٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ ٱتَّقُوا۟ ٱللَّهَ حَقَّ تُقَاتِهِۦ وَلَا تَمُوتُنَّ إِلَّا وَأَنتُم مُّسْلِمُونَ ﴿١٠٢﴾ ﴾ آل عمران: ١٠٢

{Abange mmwe abakkiriza mutye Allah mubutuufu (mumazima) g’okumutya era okufa tekubatuukangako okujjako nga muli Basiraamu (abannamaddala)}

قَالَ تعَـالَىٰ: ﴿ يَـٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ ٱتَّقُوا۟ رَبَّكُمُ ٱلَّذِى خَلَقَكُم مِّن نَّفْسٍ وَٰحِدَةٍ وَخَلَقَ مِنْهَا زَوْجَهَا وَبَثَّ مِنْهُمَا رِجَالًا كَثِيرًا وَنِسَآءً ۚ وَٱتَّقُوا۟ ٱللَّهَ ٱلَّذِى تَسَآءَلُونَ بِهِۦ وَٱلْأَرْحَامَ ۚ إِنَّ ٱللَّهَ كَانَ عَلَيْكُمْ رَقِيبًا ﴿١﴾ ﴾ النساء: ١

{Abange mmwe abantu mutye mukama wammwe oyo ayabatonda nga abaggya mu mwoyo ogumu (Jjaja mmwe Adamu) n'atonda nga aggya muye mukyala we (Haawa) n'asaasaanya nga aggya mu bombiriri abasajja nfaafa n'abakazi, mutye Katonda oyo gwemusabagana naye (ebyetaago byammwe wakati wammwe) era (mutye) n'oluganda mazima Allah mukuumi kummwe okuva edda nedda}.

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ يَـٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ ٱتَّقُوا۟ ٱللَّهَ وَقُولُوا۟ قَوْلًا سَدِيدًا ﴿٧٠﴾ يُصْلِحْ لَكُمْ أَعْمَـٰلَكُمْ وَيَغْفِرْ لَكُمْ
ذُنُوبَكُمْ ۗ وَمَن يُطِعِ ٱللَّهَ وَرَسُولَهُۥ فَقَدْ فَازَ فَوْزًا عَظِيمًا ﴿٧١﴾ ﴾ الأحزاب: ٧٠ - ٧١

{Abange mmwe abakkiriza mutye Allah era bulijjo mwogerenga ekigambo ekituufu (ekyamazima) Ajja kubaloongoseza emirimu gyammwe, era abasonyiwe ebibi byammwe n'omuntu agondera Allah n'omubaka we aba yesiimye olwesiima olunene}.

OMUSOMO OGUSOOKA: SULAT ALFAATIHA N'EZIMU KUSSUULA ENNYIMPI.

Nga zitandikira ku sulat Zir zalat okutuuka ku sulat Nnaas, zino zisomesebwa nga omusiraamu bwaddamu, n'okuloongosa ensobi ze munjatula nemumateeka agafuga okusoma Qura'n (Tajwiid) wamu n'okuzimukwatisa, okwo saako okunnyonnyola amakulu agaabuli kiteekeddwa okutegeerwa.

Omumanyi Shk. Abdul Aziiz Ibn Baazi,(nsaba Allah akkirize okulafubana kwe mukusomesa obusiraamu) yagamba nti: ''Kyatteeka eri buli musiraamu okusiinziira mubusobozi bwe okumanya sulat Alfaatiha, nekyo kyaba asobodde musuula zino ennyimpi, kubanga okuyiga okusoma sulat Alfaatiha kikakata kubuli muntu sekinnoomu, ate era nga n'esswalah tetuuka eri oyo atasomye sulat Alfaatihat nga bwekyakakata mu Hadiith entuufu okuva Ku Nabbi (s.a.w)''.

OMUSOMESA ASOMESA ESSUULA ENO ATEEKEDWA OKUGOBERERA AMAKUBO GANO WAMMANGA.

Omutendera okusooka: Alina okubasomesa nga bwebaddamu singa baba nga tebamanyi kusoma, ate singa baba bamanyi okusoma olwo atandikira kumutendera oguddako.

Omutendera ogwokubiri: Okuloongosa ensobi eziri mukusoma, bwezitereera n'agenda kumuteendera omulala.

Omutendera ogwo kusatu: Okubakwatisa essuula eno, era nga kino akikola nga agoberera agamu kumakubo gano wammanga

Erisooka: Omusomesa ateekeddwa okusoma A'yat mpola mpola nga bwagoberera amateeka g'okusoma era n'alagira abayizi abaliwo okuddamu byaba asomye okutuusa essuula lwebagikwata mumutwe.

Eryokubiri: Okunnyonnyola amakulu ga A'yaat z'aba asomye munnyinnyonnyola enneyolefu okusiinziira eddaala ly'okutegeera ly'abayizi baaba alimu.

Eryokustu: Okusunsula n'okenenula amateeka agali mu A'yaat ezo zebasomye. Ekyokulabirako kwekyo nga ku sulat Alfatiha abannyonnyola nti okusoma sulat Alfaatiha emu kumpagi mumpagi z'esswala olwekigambo kya Nabbi (s.a.w)

لا صلاة لمن لم يقرء بفاتحة الكتاب

(Teri swalah ntuufu eri eyo yenna atasomye sulat Alfaatiha).

Era omusomesa n'abannyonnyola nti mazima egimu ku misinji emikakafu eminywevu ejegattibwako abamanyi bekibiina kya Nabbi (s.a.w) abaatukulembera n'abaliwo olwaleero, Kwekukkiriza Amannya ga Allah nebitendo bye, era nti bakakasa buli Allah kyeyekakasaako ye kennyini oba ekyo Omubaka (s.a.w) kyeyamukakasaako, era nebagaana buli Allah kyeyagaana kululwe, oba Omubaka kyeyagaana kulwa Allah nga tebalina kuttirira wadde okufaananyiriza oba okugera geranya.

Era n'abannyonnyola nti Okusiinza Linnya eribuna buli kyonna Allah ky'ayagala era nga akisiima mubigambo nemubikolwa ebyeyolefu nebyekwese.

Era n'agamu kumateeka agali mussulat Alfaatiha omusomesa g'ateekeddwa okunnyonnyola, kwekutegeeza abayizi nti Ibaada yonna singa eyingiramu okugatta ku Allah nekintu ekira (shirik) eyonooneka era n'efa, Era nabwekityo ateekeddwa okubannyonnyola nti kigwanidde eri buli Musiraamu okujjukira olunaku lwenkomerero, era nti omusiraamu obuteerabira lunaku olwo oluzito kimuyamba okkola emirimu emiruungi n'okwewala ebyo ebyaziyizibwa.

Nekussuula ezisigadde bwatyo bwalina okkola, Okusoma nga bwebaddamu, okuloongosa ensobi munsoma y’azo, n’okuzibakwatisa, wamu n’okunnyonnyola amakulu n’amateeka agalimu.

OMUSOMO OGW’OKUBIRI: OKUKAKASA NTI TERI KISIINZIBWA MUBUTUUFU OKUJJAKO ALLAH, ERA NE NABBI MUHAMMAD (S.A.W) MUBAKA WA ALLAH ERA MUDDU WE

Nga ekyo akikola nga ayita mukunnyonnyola amakulu gebigabo ebyo (Shahaada ebbiri ‘‘Ashihadu an laa ilaaha illa Allah wa ashihadu anna Muhamada rasuulu Allah’’) wamu n’okunnyonnyola obulombolombo bya La ilaha illa Allah. Nga n’amakulu ga (Laa ilaaha) Kugaana byonna ebisiinzibwa ebitali Allah. (Illa Allah) Kunyweza nakuyimirizaawo kusiinza Allah yekka era nga talina kimwegattako.

Era omuwandiisi w’ekitabo kino (Allah amusaasire) yayogera kubikwata kukukakasa nti teri kisiinzibwa mubutuufu okujjako Allah n’okukakasa nti Nabbi Muhammad mubaka wa Allah era Muddu we Oba olyawo katulabe kukigendererwa mwekyo wamanga.

EKISOOKA: EKIFO KYASHAHAADA ZINO EBBIRI (ASHIHADU AN LAA ILAAHA ILLA ALLAH WA ANNA MUHAMMADA RASUULU ALLAH).

Shahaada zino ebiri y’empagi esooka mumpagi z’obuiraamu. Ibn Umar atunyumiza n’agamba nti Nabbi (s.a.w) y’agamba:

(بني الإسلام على خمس : شهادة أن لا إله إلا الله, وأن محمدا رسول الله, وإقام الصلاة , وإيتاء الزكاة, وصوم رمضان, وحج بيت الله الحرام لمن استطاع إليه سبيل)

(Obusiraamu bwazimbibwa ku mpagi taano: Okukakasa nti teri kisiinzibwa mubutuufu okujjako Allah era n’okukakasa nti Nabbi Muhammadi mubaka wa Allah, N’okuyimirizaawo esswala, N’okutoola Zakka mumaali yo, N’okusiiba Omwezi gwa Ramadhan, N’okugenda eri enyumba ya Allah eyemizizo okkola Hijja eri oyo yenna aba asobodde agende gyeeri).

Ekigambo kwawula Allah (Tawuhiid) gwemusingi gweddiini era nga kyekikomera ekigyebuluungudde, era kyekyetteka ekisooka eri buli muddu yenna, n'okukkiribwa kwemirimu kuyimiridde kukukyatula n'okikolerako.

EKYOKUBIRI: AMAKULU GA LAA ILAAHA ILLA ALLAH

Teri asiinzibwa muutuufu okujjako Allah, era tekikkirizibwa kuvvunulwa nti teri mutonzi okujjako Allah, oba nti Teri kiriwo okujjako ye, oba nti Teri agabirira okujjako Allah, Olwensonga eno wammanga:

Mazima ddala Abashiriku (abagatta ku Allah n'ekintu ekirala) muba Quraish baali nga tebawakanya nti tewali agabirira okujjako Allah songa ate ekyo tekyabagasa, era nga baali bategeera buluungi amakulu gekigambo kino, era y'esonga lwaki baawakanya Omubaka (s.a.w) bweyabagamba nti; Mugambe Laa ilaaha illa Allah (teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah) mufune okwesiima. Kale kitwewunyisa nnyo kumulembe guno okusanga abagamba nti: ''Laa ilaaha illa Allah'' naye nga tebamanyi kyekitegeeza. Era nebakowoola wamu n'okusaba Allah nebintu ebirala nga Ba awuliyaa-a, n'abantu abali muntaana naye awamu n'ekyo ngabagamba nti twawula era netutongoza Allah. Tusaba Allah atutaase.

EKYOKUSATU: EMPAGI ZA LAA ILAAHA ILLA ALLAH.

Shahaada erina empagi biri:

Esooka: Okugaana okuli mukigambo (laa ilaaha) nti teri asiinzibwa mubutuufu.

Eyokubiri: Okukakasa okuli mukigambo (illa Allah) okujjako Allah. 'La ilaaha' yagaana ekisiinzibwa kyonna ekitali Allah, ate

‘illa Allah’ ekakasa okusiinza Allah yekka nga tagattiddwako kintu kirara kyonna.

EKYOKUNA: OBULUUNGI BWA LAA ILAHA ILLA ALLAH

Ekigambo kino kirina ebiruungi bingi, era kirina ekifo kyawaggulu mumaaso ga Allah, oyo yenna akyogera mumazima nga akakasa, Allah amuyingiza ejjana, n’oyo akyogera nga alimba takakasa afuna obukuumi kubyobugagga bwe kuno kunsi nekunkomerero era okubalibwaakwe kuli eri Allah era nga alamulwa okuba mubannanfuusi.

Ekigambo kino kitono munjatula, kirina ennyukuta ntono, kyangu kululimi, naye ate mwana wattu kizito nnyo kuminzaani, ekigambo kino kirina ebiruungi nkumu era omumanyi ayitibwa Ibn Rajab y’ayogera ebimu kubyo mukitabo kye ekiyitibwa (Kalimat al ikhlaas) era neyesembesa obujulizi kubuli kiruungi kyeyaleeta nga mubyo mulimu bino wammanga.

Mazima ddala kyekyettunzi ky’ejjana, era omuntu yenna alibanga ekigambo kye ekisembyeyo kuno kunsi Laa ilaaha Illa Allah, ajja kuyingira ejjana, kyekigenda okutaasa omuddu okuva mumuliro, era kyekirimukakasaako okuwolerezebwa, era nga kyekiruungi ekisiinga ebiruungi byonna, era kisiimuula ebibi by’omuntu, era kyekijjawo ejjiji mukkubo erikutuusa ewa Allah, era kyekigambo Allah kyakakasa nakyo akyogera, era kyekigambo ba Nabbi kyebaali boogedde ekisinga obuluungi, era ekisinga omuddu kyatendereza nakyo, era kyekisinga emirimu jonna obuluungi, n’okuba nti kyekigisinga okkubisaamu era nga kyenkana nkana n’okuta omuddu, era nga kikukuuma okuva eri sitaani, era nga kibeesabeesa okuva mukiwuubaalo kyentaana awamu n’obuzibu bw’ebbaliro, era kekabonero kabakkiriza bwebaliba nga basituse okuva muntaana zabwe.

Era ebimu kubiruungi byakyo, kwekubanga kigya kuggulirawo oyo akyogera emiryango gyejjana omunaana ayingire kugumu gwaliba ayagadde. Era nga mubiruungi byakyo mazima bannannyini kyo nebwebalibanga bayingidde omuliro olwobukendeevu bwabwe mubivunaanyizibwa byakyo mazima ddala kyaddaki bajja kujjibwayo bayingizibwe ejjana.

EKYOKUTAANO: Mazima okukakasa nti ne Nabbi Muhammad mubaka wa Allah kikkakatako okumukkiriza. N'okukakasa nti by'ayogera byonna by'amazima, n'okugondera byeyalagira, n'okulekayo byeyagaana, n'okuwa ekitiibwa ebilagiro bye nebyeyagaana wamu n'obutakulembeza kigambo kyamuntu yenna kabeere ani kukikye.

EKYOMUKAAGA: Olina okukimanya nti yenna akakasa nti teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah era nga talina kimwegattako, era n'akakasa nti Nabbi Muhammadi mubaka wa Allah era muddu we, N'akakasa nti ne Nabbi Isa mubaka wa Allah era muddu we era nga kyekigambo kye kyeyassa eri Mariam era mwoyo okuva muye, era n'akakasa nti ejjana n'omuliro by'amazima, nga bwekiri mu hadith ya Ubaadat ibn Swamit nga agijja ku Nabbi (s.a.w) Allah amuyingiza ejjana n'emirimuje nga bwegifaanana.

OBUKWAKULIZO BWA LAA ILAAHA ILLA ALLAH

Obukwakulizo bwa laa ilaaha illa Allah buli munaana; Okumanya amakulu gakyo, okukakasa okutaliimu kubuusabuusa, okyogera kulwa Allah awatali kumugattako kintu kirala kyonna, okuba owamazima mukukyogera nga temuli bulimba n'akamu, okwagala, okugonda, okukkiriza byonna ebigenderako, N'okuwakanya byonna ebisiinzibwa ebitali Allah. Abamanyi abamu bagamba nti ekigambo Ikhlaas (okkola ekintu ku lwa Allah) kirina

obukwakkulizo musaanvu ate abalala nebagamba nti buli munaana nga omuwandiisi wekitabo kino bweyannyonnyola. (Nsaba Allah amusaasire).

AKASOOKA: OKUMANYA (AMAKULU GAKYO).

Omuddu bwamanya nti Allah yekka yasiinzibwa mubutuufu era n'amanya nti okusiinza ekirala kyonna ekitali yye kikyamu, era n'atakoma awo wabula n'akolera kubivunanyizibwa byekigambo kino aba amanyi amakulu gaakyo (ga laa ilaaha illa Allah). Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى:﴿ فَٱعْلَمْ أَنَّهُۥ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا ٱللَّهُ ﴿١٩﴾ ﴾ محمد: ١٩

{N'olwekyo (gwe Muhammad) manya nti mazima ddala tewaliiwo ateekeddwa kusiinzibwa mubutuufu okujjako Allah}

Era Allah n'agamba:

قَالَ تَعَالَى:﴿ إِلَّا مَن شَهِدَ بِٱلْحَقِّ وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿٨٦﴾ ﴾ الزخرف: ٨٦

{Okugyako (aliwolereza yekka) y'oyo eyajulira amazima (nti Katonda ali omu) nabo nga bamanyi (nti ge mazima)}

وقال رسول الله صلى الله عليه وسلم " من مات وهو يعلم أنه لا إله إلا الله دخل الجنة"

Nabbi (s.a.w) y'agamba nti (Oyo yenna afa nga amanyi nti teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, ayingira ejjana).

AKOKUBIRI: OKUKAKASA.

Oyo yenna ayogera ekigambo kya Laa ilaaha illa Allah, ateekeddwa okukakasa mumutima gwe era n'akkiriza obutuufu bwokuba nti ekyo kyekimu ku Allah byeyeyawulidde nakyo mukusiinzimbwakwe, era n'amenyawo okusiinzibwa kwebyo byonna ebitali Allah.

Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَٱلَّذِينَ يُؤۡمِنُونَ بِمَآ أُنزِلَ إِلَيۡكَ وَمَآ أُنزِلَ مِن قَبۡلِكَ وَبِٱلۡأٓخِرَةِ هُمۡ يُوقِنُونَ ﴿٤﴾ ﴾ البقرة: ٣ - ٤

{Era n'abo abakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli (gwe Muhammad), n'ebyo ebyassibwa oluberyeberye lwo, era nebabeera nga olunaku lwenkomerero bbo balukakasa}.

وكما روي عن أبي هريرة رضي الله عنه عن النبي صلى الله عليه وسلم قال: (من لقيت خلف هذا الحائط يشهد أن لا إله إلا الله مستيقنا بها في قلبه فبشره بالجنة)

Hadith nga eva ku Abi Huraira Allah yasiima kuye nga agijja ku Nabbi (s.a.w) y'agamba nti: (Yenna gw'osanga emabega wekisenge ekyo –eky'omuzikiti- nga akakasa nti teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, nga akakasa buluungi mumutima gwe kukyo, musanyuse n'ejjana).

AKOKUSATU: OKUKKIRIZA.

Omuddu ateekeddwa okukkiriza byonna ebigendera kukigambo kya Laa ilaaha illa Allah, mumutima gwe ne kululimi lwe. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ قُولُوٓاْ ءَامَنَّا بِٱللَّهِ وَمَآ أُنزِلَ إِلَيۡنَا ﴿١٣٦﴾ ﴾ البقرة: ١٣٦

{Mugambe (mwe abasiraamu) nti tukkiriza Allah, n'ebyo eby'assibwa gyetuli}

AKOKUNA: OBUGONVU.

Omuddu ateekeddwa okugondera ebyo byonna ebigendera kukigambo kino ekyekitiibwa, era nga kwe kwewaayo obulamu bwe bwonna ewa Allah owekitiibwa. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَمَنۡ أَحۡسَنُ دِينٗا مِّمَّنۡ أَسۡلَمَ وَجۡهَهُۥ لِلَّهِ وَهُوَ مُحۡسِنٞ ﴿١٢٥﴾ ﴾ النساء: ١٢٥

{Ani munnaddiini okusinga oyo awaayo ekyenyi kye eri (okusiinza) Allah naye nga mulongoosa (mumirimu gye)}.

قَالَ تَعَالَى:﴿ ۞ وَمَن يُسْلِمْ وَجْهَهُۥٓ إِلَى ٱللَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ فَقَدِ ٱسْتَمْسَكَ بِٱلْعُرْوَةِ ٱلْوُثْقَىٰ ۗ ﴿٢٢﴾ ﴾ لقمان: ٢٢

{N'omuntu eyeewaayo yenna n'ayolekera eri (okugondera) Allah nga naye mulongoosa (mukkiriza) mazima aba yeekutte kunggango enggumu}.

AKOKUTAANO: AMAZIMA

Omuddu atekeddwa okuba ow'amazima eri mukaamawe Allah mukukkiriza, era nga w'amazima mukukkiriza kwe, w'amazima mubigambo bye era w'amazima mukusaba kwe. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى:﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ ٱتَّقُوا۟ ٱللَّهَ وَكُونُوا۟ مَعَ ٱلصَّٰدِقِينَ ﴿١١٩﴾ ﴾ التوبة: ١١٩

{Abange mmwe abakkiriza mutye Allah era mubeere awamu n'abakkiriza ab'amazima}

AKOMUGAAGA: OKUKYOGERA KULWA ALLAH.

Ayogera ekigambo kina (ekya laa ilaaha illa Allah) alina okuba nga akyogera kulwa Allah, era nga byonna ebimuvaamu mubigambo bye nemubikolwa abikola kulwa Allah, n'okunoonya okusimibwa kwe, Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى:﴿ وَمَآ أُمِرُوٓا۟ إِلَّا لِيَعْبُدُوا۟ ٱللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ ٱلدِّينَ ﴿٥﴾ ﴾ البينة: ٥

{Era tebaalagirwa kintu kirala kyonna (kukisiinza) wabula basiinze Allah oyo omu yekka omutonzi nga batukuza eddiini kululwe

(obutamugatta na kintu kirala kyonna mukumusiinza nemubwa katonda bwe)}

وكما جاء في الحديث الصحيح عن أبي هريرة رضي الله عنه عن النبي صلى الله عليه وسلم أنه قال: (أسعد الناس بشفاعتي من قال لا إله إلا الله خالصا من قلبه)

Nga era bwe kiri mu hadith entuufu nga eva ku Abi Huraira (Allah yasiima kuye) nga agijja ku Nabbi (s.a.w) y'agamba: (Omuntu agenda okwesiima n'okuwolereza kwange (kulunaku lwenkomerero), yooyo eyagamba nti teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah nga akijja kuntobo yamutima gwe era nga akyogera kulwa Allah).

AKOMUSANVU: OKWAGALA.

Omuddu ayogera ekigambo kya Laa ilaaha illa Allah, ateekeddwa okuba nga akyagala, n'okwagala buli kimu kyekimulagira n'okutuukiriza ebigenderako. N'ayagala Allah n'omubaka we, era n'akulembeza okwagala kwaabwe kukwagala kwa buli kyagalwa. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَمِنَ ٱلنَّاسِ مَن يَتَّخِذُ مِن دُونِ ٱللَّهِ أَندَادًا يُحِبُّونَهُمْ كَحُبِّ ٱللَّهِ ۖ وَٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓا۟ أَشَدُّ حُبًّا لِّلَّهِ ۗ ﴿١٦٥﴾ ﴾ البقرة: ١٦٥

{Ne mubantu mulimu (ate abo) abafuula (ebintu ebirala) ebitali Allah omutonzi bakatonda nga babaagala nga okwagalibwa kwa Allah (omutonzi kwalina okwagalwaamu) kyokka bo abakkiriza bayitirivu mukwagala Allah}.

AKOMUNAANA: OKUWAKANYA BULI KYONNA EKISIINZIBWA EKITALI ALLAH.

Omuddu akkiririza nti Allah yekka yasiinzibwa mubutuufu kimukakatako okuba nti awakanya byonna ebisiinzibwa ebitali

Allah, nga bwekitunyumizibwa okuva ku Nabbi Muhammadi (s.a.w) nti y'agamba:

(من قال لا إله إلا الله وكفر بما يعبد من دون الله حرم ماله ودمه وحسابه عند الله)

(Oyo yenna agamba nti teri kisiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, era n'awakanya byonna ebisiinzibwa ebitali Allah, emmaali ye n'omusaayi gwe bifuuka haraamu gyetuli).

OMUSOMO OGWOKUSATU: EMPAGI Z'OBUKKIRIZA.

Nga nazo; Kwekukkiriza Allah nti ali omu, n'okukkiriza bamalayika be, n'ebitabo bye, n'ababaka be, n'olunaku lwenkomerero, n'okugera ekiruungi n'ekibi biva eri Allah owekitiibwa.

Obujulizi kwekyo ye Hadith ya Jibriir emanyiddwa obuluungi mukiseera bweyajja ewa Nabbi (s.a.w) n'amubuuza kubukkiriza, n'amuddamu nti:

(الإيمان بأن تؤمن بالله, وملائكته, وكتبه, ورسله, واليوم الآخر, والقدر خيره وشره)

(Obukkiriza kwekukkiriza Allah (nti ali omu), nebamalayika be, n'ebitabo bye, n'ababaka be, n'olunaku lwenkomerero, n'okugera ekiruungi n'ekibi).

EMPAGI ESOOKA: OKUKKIRIZA ALLAH:

Okukkiriza Allah kizingiramu ebintu bina:

EKISOOKA: Okukkiriza okubaawo kwa Allah, era nga okubaawo kwe kulina obujulizi okuva Mububumbwa, amagezi, Qura'n ne Sunnah, wamu nebyo ebiriwo ebirabwako.

1: Obujulizi by'obubumbwa kukubaawo Kwa Allah: Mazima ddala buli kitonde kyatondebwa kububumbwa obwokukkiriza omutonzi wakyo nga tekisoose kulowooza nnyo kwekyo wadde okuyigirizibwa. Nabbi (s.a.w) yagamba nti:

(ما من مولود إلا يولد على الفطرة, فأبواه يهودانه, أو ينصرانه, أو يمجسانه)" رواه البخاري

(Tewali mwana yenna azaalibwa okujjako nga azaalibwa kububumbwa (bw'obusiraamu, n'okwawula Allah) naye bakadde be bebamufuula owenzikiriza eyekiyudaaya oba eyekikulisitaayo oba asiinza omuliro (nebirara ebiringa ebyo)). Hadith ya bukhar.

2: Ate obujulizi obwamagezi (kukubaawo Kwa Allah):
Kubanga ebitonde muntandikwa tebyaliwo, kati oluvannyuma lw'okubeerawo, amagezi galaga nti watekeddwa okubaawo eyabitonda, kubanga tewali kintu kisobola kwetandika wo, oba okubeera wo nga tekirina akitaddewo.

3: Ate obujulizi okuva mu Qura’n nessunah kukubaawo kwa Allah: Mazima ebitabo byonna ebyassibwa okuva eri Allah biraga era nebirambika buluungi okubaawo kwe. Nga n’ekisinga byonna ekitiibwa n’obuluungi ye Qura’n, era nabwekityo omubaka asinga bonna era nga ye Imaamu wabwe, yewenkomerero mubo Muhammad (s.a.w) era nga bonna b’alagirira kwekyo era nebakinnyonnyola buluungi.

4: obujulizi kukubaawo Kwa Allah olwokubaawo kwebitonde: buli mumbera ya mirundi ebiri.
Esooka: Mazima ddala tulaba era netuwulira okwanukulwa kwabasaba, n'okutaasibwa kwabalaajana nga bujulizi bwankukunala obulaga okubaawo kwe,

Eyokubiri: Mazima obubonero bwaba Nabbi obuyitibwa ebyamagero, abantu bwebaalabako, oba nebabuwulirako, bujulizi obwenkukunala obulaga nti waliwo eyatonda ensi eno omulezi waayo era omuteesiteesi wabuli kimu ekirimu era nga akoleramu kyonna kyaba ayagadde nga naye ye Allah.

EKYOKUBIRI: Okukkiririza obulezi bwe. (Okukkiriza nti Allah Ali omu yemulezi, talina kimwegattako mukusiinzibwa, wadde okubeera n'omuyambi yenna mukuteekateeka ensi n'eggulu).

Omulezi: yooyo atonda ebitonde, alina obwakabaka n'obufuzi Obwa’waggulu, Era alina ekiragiro ekisembayo kunsi neggulu wamu n'okubiteekateeka, tewali atonda bitonde okujjako Allah,

Era tewali alina bufuzi bwabuli kintu kyonna n'abwakabaka busembayo waggulu okujjako ye, era tewali alina kiragiro kyankomeredde okujjako ye.

Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿أَلَا لَهُ ٱلْخَلْقُ وَٱلْأَمْرُ ۗ ﴿٥٤﴾﴾ الأعراف: ٥٤

{Abange Kukwe (Allah) okutonda (n’obufuzi) n'okuwa ebiragiro}

قَالَ تَعَالَى: ﴿ذَٰلِكُمُ ٱللَّهُ رَبُّكُمْ لَهُ ٱلْمُلْكُ ۚ وَٱلَّذِينَ تَدْعُونَ مِن دُونِهِۦ مَا يَمْلِكُونَ مِن قِطْمِيرٍ ﴿١٣﴾﴾ فاطر: ١٣

Era n'agamba: {Oyo ye Allah omulezi mukama wammwe, bubwe obwakabaka obujjuvu n’abo (bakatonda ab’obulimba) bemusaba abatali ye tebafuga wadde ekyenkanyi kyakabubi akaba kumulamwa gwe ntende (oba akantu akasembayo okuba akatono ennyo) (ngeri ki bwemusaba ebyo byebatalinaako bwannanyini, era ngeri ki bwebasaanira okusinzibwa?)}.

EKYOKUSATU: Okukkiriza okusinzibwaakwe. (Okukkiriza nti ali omu, tewali katonda mulala asiinzibwa mubutuufu okujjako ye, era yemutoonzi wabuli kimu talina kimwegattako mubwakatonda bwe nemukusiinzibwa kwe), nga nekigambo Allah kitegeeza oyo owawaggulu asiinzibwa mukwagala n'okumugulumizbwa oba okussimwamu ekitiibwa, Allah y'agamba

قَالَ تَعَالَى: ﴿وَإِلَٰهُكُمْ إِلَٰهٌ وَٰحِدٌ ۖ لَّآ إِلَٰهَ إِلَّا هُوَ ٱلرَّحْمَٰنُ ٱلرَّحِيمُ ﴿١٦٣﴾﴾ البقرة: ١٦٣

{Omusiinzibwa wammwe ali omu, tewaliiwo ateekedwa kusiinzibwa mubutuufu okujjako ye omusaasizi ennyo (alina okusaasira okubuna) era owekisa ekyenjawulo}

Era Allah n’agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿لَقَدۡ أَرۡسَلۡنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوۡمِهِۦ فَقَالَ يَٰقَوۡمِ ٱعۡبُدُواْ ٱللَّهَ مَا لَكُم مِّنۡ إِلَٰهٍ غَيۡرُهُۥٓ ٥٩﴾ الأعراف: ٥٩

{Mazima twatuma Nuuh eri abantu b’ekibiina kye, n’abagamba nti abange abantu bange, musiinze Allah temulinaayo musiinzibwa mulala okujjako ye}.

EKYOKUNA: okukkiriza amannya ga Allah nebitendo bye: (okukakasa ku Allah ebyo byeyekakasaako mukitabo kye Qura'n nemu Sunnah za Nabbi (s.a.w) mumannya n’ebitendo, mumbeera esaanidde kuye era eja mukitiibwa kye, nga tetukyusizza, oba okumujjako, oba okugerageranya, oba okufaananyiriza), Allah y'agamba

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿لَيۡسَ كَمِثۡلِهِۦ شَيۡءٞۖ وَهُوَ ٱلسَّمِيعُ ٱلۡبَصِيرُ ١١﴾ الشورى: ١١

{Talina kintu kyonna kimufaanana (Allah) Era ye awulira alaba}.

EBIMU KUBIBALA EBIVA MUKUKKIRIZA ALLAH:

Ekisooka: okutuukiriza n'okunyweza okwawula Allah okutuuka okubanga omuddu talina gwasuubila kumumalira byetaago bye okujjako Allah, era nga tatya kitali ye, wadde okusiinza ekintu ekirala kyonna ekitali ye.
Ekyokubiri: okufuna okwagala Allah okujjuvu, n'okumussaamu ekitiibwa okusiinziira kumannya ge amaluungi n'ebitendo bye ebyawaggulu.
Ekyokusatu: okutuukiriza okumusiinza, nga okola byeyalagira n'okwewala ebyo byeyagaana.

EMPAGI EYOKUBIRI: OKUKKIRIZA BAMALAYIKA.
Malayika: bitonde bya Allah ebyekusifu, (tetusobola kubiraba), tezirina kakwate konna mubulezi bya Allah, wadde okusiinzibwa, Allah yazitonda mumuliro, n'aziwa obugoonvu obujjuvu kubiragiro bye n'amanyi agenjawulo mukubiteeka munkola. (Zisiinza Allah nga bw'ayagala, era tezimujeemera mukintu kyonna kyaba aziragidde. Omuwendo gwazo munene nnyo tewali agumanyi okujjako Allah.

Okukkiriza ba Malayika kuzingiramu ebintu bina:
Ekisooka: okukkiriza okubaawo kwabwe.
Ekyokubiri: okukkiriza erinnya lyeyo jetutegedde muzo erinnya (okugeza nga jibriir) Era negyetutategedde linnya tugikkiriza nti gyeeri.
Okyokusatu: okukkiriza ebikitendo byeyo byetutegedde muzo mubitendo, {(nga ebitendo bya jibriir) Nabbi (s.a.w) y'agamba nti yagiraba mukifaananyi kyeyatondebwamu nga erina ebiwawaatiro lwenda (900) nga bibisse obwengula bwonna}.
Ekyokuna: okukkiriza emirimu gyezo gyetutegedde gyezikola kulwekiragiro kya Allah, okugeza nga malayika walumbe Allah gwe yakwasa obuvunaanyizibwa bwokujjamu emyoyo mukiseera kyokufa nga kituuse.

EMPAGI EYOKUSATU: OKUKKIRIZA EBITABO.

Nga n'ekitegendererwamu wano, byebitabo ebyo Allah byeyassa kubabakabe nga kyakusaasira eri ebitonde, n'okubalungamya basobole okutuuka mubulamu obw'okwesiima wano kunsi n'ekunkomerero.

Okukkiriza ebitabo kizingiramu ebintu bina:
Ekisooka: Okukkiriza nti okussibwa kwabyo okuva eri Allah kw'amazima.

Ekyokubiri: Okukkiriza erinnya lyetutegedde mumanya gabyo nga Qura'n eyassibwa kuwekitiibwa Nabbi Muhammad (s.a.w), Tauraat eyassibwa ku Nabbi Muusa (a.s.w), Enjiri (Bayibuli) yassibwa ku Nabbi Isa (a.s.w), Zabbuli eyaweebwa Nabbi Dauda (a.s.w), nebyo byetutategedde mannya gabyo tubikkiririzaamu okutwalira wamu (mumbeera yakitole).
Ekyokusatu: Okukakasa ebyajjiramu nti Mazima, nga ebitunyumizibwa mu Qura'n, n'ebyo ebitunyumizibwa mubitabo ebyasooka ebitaakyusibwa oba okubuzabuzibwa.
Ekyokuna: Okkolera kumateeka agalimu kasita gabeera nga tegaakyusibwa oba okusiimuulwa, okwo saako okugasiima wamu n'okwewaayo gatulamule, sinsonga tutegedde ekigendererwa ekyekusifu mugo oba tetukitegedde, era tulina okukimanya nti ebitabo byonna ebyasooka okussibwa okuva muggulu, okulamula kwabyo kwasiimulwawo n'okussibwa kwa Qura'n eyekitiibwa. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَأَنزَلۡنَآ إِلَيۡكَ ٱلۡكِتَٰبَ بِٱلۡحَقِّ مُصَدِّقٗا لِّمَا بَيۡنَ يَدَيۡهِ مِنَ ٱلۡكِتَٰبِ وَمُهَيۡمِنًا عَلَيۡهِۖ ٤٨ ﴾ المائدة: ٤٨

{Twassa gyooli ekitabo (Qura'n) mumazima, era nga kijjudde mazima, nga kikakasa ebitabo ebyo ebyakikulembera (nga tawraat ne njiri) era nga kiramuzi ekisengezzi kubyo}

Okukkiriza ebitabo kulina ebibala bino wammanga:
Ekisooka: Okumanya okufaayo ennyo Kwa Allah eri abaddu be, bweyassa ekitabo eri kubuli kibinja kyabantu (oba kubuli mulembe), basobole okulungama nakyo.
Ekyokubiri: Okumanya obukenkufu bwa Allah mukuteekateeka amateekaage, bweyawa buli kibinja ky'abantu amateeka agabasaanidde okusiinziira kumbeera yabwe. Nga Allah bweyagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ لِكُلٍّ جَعَلْنَا مِنكُمْ شِرْعَةً وَمِنْهَاجًا ﴾ المائدة: ٤٨

{Buli (kibinja ky'abantu) mummwe twabateerawo amateeka n'enkola eyokugobererwa (basobole okulungamizibwa).

EMPAGI EYOKUNA: OKUKKIRIZA ABABAKA:

Omubaka yemuntu eyatumwa era nassibwako obukaka nga bwamateeka oba biragiro okuva eri Allah okubaako jabutwala mubaddu be.

Omubaka eyasooka bamuyita Nuuh (s.a.w) nga n'eyasembayo ye Muhammad (s.a.w). Era nga tewali kibiina ky'abantu oba mulembe okujjako nga Allah yagutumira omubaka n'amateeka ageyawulidde eri abatu be oba Nabbi nga assibwako amateeka oluvannyuma lwa babaka asobole okuzza obujja amateeka ago.

Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ ﴾ النحل: ٣٦

{Mazima twatuma mubuli kibiina kyabantu omubaka, ategeeze abantu be okusiinza Allah, n'okwewala ebyo byonna ebisiinzibwa ebitali Allah}

Era Allah n'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ بِالْحَقِّ بَشِيرًا وَنَذِيرًا وَإِن مِّنْ أُمَّةٍ إِلَّا خَلَا فِيهَا نَذِيرٌ ﴾ فاطر: ٢٤

{Mazima tewali gwanga oba kibiina kayabantu kyonna okujjako nga kyalimu omutiisa (Omubaka)}.

Era ababaka nabo bantu mubaana ba Adamu, b'atondebwa butondebwa, tebalina kakwate konna mwebyo byonna ebyeyawulidde mubulezi bwa Allah wadde okusiinzibwa, era nga

balina ebitendo ebirina abantu abalala nga ekisa, okufa, obwetaavu eri okulya n'okunywa nebintu ebirala ebiringa ebyo.

Okukkiriza ababaka kuzingiramu ebintu bino wammanga:
Ekisooka: Okukkiriza nti obubaka bwabwe bw'amazima, era oyo yenna aliimbisa oba n'awakanya obubaka bw'omu kubo aba abalimbisizza era n'abawakanya bonna, nga Allah bweyagamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ كَذَّبَتْ قَوْمُ نُوحٍ ٱلْمُرْسَلِينَ ﴿١٠٥﴾ ﴾ الشعراء: ١٠٥

{Baalimbisa abantu b'omulembe gwa Nuuh ababaka}.

Ekyokubiri: Okukiriza erinnya lyoyo gwetutegedde mubo erinnya, okugeza nga Muhammad, Ibrahiim, muusa, Isa, Nuuh (okusaasira kwa Allah nemirembe bibe kubo), abataano bano bebeenkizo muba Nabbi. Ate oyo gwetuba tetutegedde linnya lye mubo, tumukkiriza mumbeera ey'awamu. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلًا مِّن قَبْلِكَ مِنْهُم مَّن قَصَصْنَا عَلَيْكَ وَمِنْهُم مَّن لَّمْ نَقْصُصْ عَلَيْكَ ۗ
﴿٧٨﴾ ﴾ غافر: ٧٨

{Mazima twatuma ababaka oluberyeberye lwo, mubo mulimu betwakunyumizaako era mubo mulimu betutakunyumiza}

Ekyokusatu: Okukakasa ebituufu ebibogwerwako nti bya Mazima.

Ekyokuna: Okukolera kumateeka goyo eyatumwa gyetuli, era nga yemenkomerero mubo Muhammad (s.a.w), eyatumibwa eri abantu bonna.

Okukkiriza ababaka kulina ebibala bino wammanga.
Ekisooka: Okumanya ekisa kya Allah n'okufaayo kwe eri

abaddu be bweyabatumira ababaka babalungamye eri ekkubo eggolokofu, n'okubannyonnyola butya bwebalina okusiinza Allah, kubanga amagezi g'omuntu tegasobola kwemalirira gokka kyekyo.
Ekyokubiri: Okwebaza Allah olwebwengera bino ebinene.
Ekyokusatu: Okwagala ababaka n'okubagulumiza, n'okubawaana mumbeera ebasaanidde, kubanga babaka ba Allah, era nga b'amusiinza, n'okutuusa obubabaka bwe, n'okubuulirrira abaddu be.

EMPAGI EYOKUTAANO: OKUKKIRIZA OLUNAKU LWENKOMERERO.

Olunaku lwenkomerero, lwelunaku lwokuyimira (mumaaso ga Allah), abantu lwebagenda okuzukizibwa babalibwe era basasulwe empeera yabwe. Lw'atumibwa olunaku lwenkomerero kubanga tewaliyo lunaku luvannyuma lwalwo lugenda kujja.

Okukkiriza olunaku lwenkomerero kuzingiramu ebintu bisatu.
Ekisooka: Okukkiriza okuzuukira, era nga okuzuukira kukakafu, kw’amazima kuliko obujulizi okuva mu Qura'n, ne mu hadith za Nabbi (s.a.w), n'okwegatta kwabasiraamu.

Ekyokubiri: okukkiriza okubalibwa n'okusasulwa. Omuntu ajja kubalibwa emirimuje kulunaku olwo era asasulwe empeera ye (okusiinziira nga bweyakola), Era nga ekyo nakyo kiriko obujulizi okuva mu Qura'n, nemu hadith za Nabbi (s.a.w), nokwegatta kwabasiraamu.

Ekyokusatu: Okukkiriza ejjana n'omuliro okuba nti bwebuddo obwolubeerera eri ebitonde.

Okukkiriza olunaku lwenkomerero kugoberezebwako, okukkiriza byonna ebibaawo oluvannyuma lwokufa,

okugeza nga:
1: Ebikemo byomuntaana.

2: Ebinonerezo byomuntaana nebyengera byamu.

EMPAGI EYOMUKAAGA: OKUKKIRIZA OKUGERA

Okugera kwa Allah kwekusalawo kwe eri ebitonde, okusiinziira nga bwekwakulembera okumanya kwe, Era nga kukwatagana nebigendererwa bye.

Okukikkiriza okugera kuzingiramu ebintu bino wammanga.
Ekisooka: okukkiriza nti Allah yamanya buli kintu kyonna mubufunze nemubulambulukufu byakyo, okuva edda nedda, sinsonga obanga ekyo kikwatagana kubikolwa bye, oba kubikorwa bya baddu be.

Ekyokubiri: okukkiriza nti Allah ekyo yakiwandiika ku lubaawo olukuumibwa (lawuhu mahfuudh).

Ekyokusatu: okukkiriza nti byonna ebigwawo munsi bigwawo lwakwagala kwa Allah, sinsonga oba bikwata kubikolwa bye oba kubikolwa byebitonde. Allah y'agamba.

قَالَ تَعَالَىٰ:﴿ وَرَبُّكَ يَخۡلُقُ مَا يَشَآءُ وَيَخۡتَارُۗ ﴿٦٨﴾ ﴾ القصص: ٦٨

{N'omulezi (Allah) atonda nga bwaba ayagadde era n'alonda oyo gwaba ayagadde}

Ekyokuna: okukkiriza nti byonna ebiriwo (muggulu omusanvu ne munsi) mubwennyini bwabyo nebitendo byabyo n'okwenyenya kwabyo Allah yeyabitonda. Allah y'agamba.

قَالَ تَعَالَىٰ:﴿ ٱللَّهُ خَٰلِقُ كُلِّ شَيۡءٖۖ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيۡءٖ وَكِيلٞ ﴿٦٢﴾ ﴾ الزمر: ٦٢

{Allah yemutonzi wabuli kintu kyonna era yemmukuumi kubuli kintu kyonna}

Okukkiriza okugera kwa Allah kulina ebibala bino wammanga.

Ekisooka: Okwesigamira Allah mukuteekawo amakubo, kisobole okkuyamba obuteesigamira makubo gokka nga olina kyoyagala okkola, kubanga buli kintu kyonna kiriwo kulwakugera kwa Allah.

Ekyokubiri: Omuntu obuteetwala nti wakitalo nnyo singa aba atuuse kubiruubirirwa bye, kubanga okubituukako kyengera okuva eri Allah, olwokumugerera ekkubo eddungi, nokuyitamu obuluungi, kati singa yelaba nga wakitalo nnyo kiyinza okumwerabiza okwebaza Allah.

Ekyokusatu: Obutebenkevu, neddembe mumutima mwebyo byonna byayitamu mukugera kwa Allah, era teyeemalaamu olwokuyitibwako by’ayagala oba okufuna by’atamwa, kubanga okwo kwonna kugera kwa Allah oyo alina obwakabaka muggulu nemunsi era nga okugera kwe tekulina kiyiinza kukuziyiza kubeerawo.

Allah y’agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ مَآ أَصَابَ مِن مُّصِيبَةٖ فِي ٱلۡأَرۡضِ وَلَا فِيٓ أَنفُسِكُمۡ إِلَّا فِي كِتَٰبٖ مِّن قَبۡلِ أَن نَّبۡرَأَهَآۚ إِنَّ
ذَٰلِكَ عَلَى ٱللَّهِ يَسِيرٞ ٢٢ لِّكَيۡلَا تَأۡسَوۡاْ عَلَىٰ مَا فَاتَكُمۡ وَلَا تَفۡرَحُواْ بِمَآ ءَاتَىٰكُمۡۗ وَٱللَّهُ لَا يُحِبُّ
كُلَّ مُخۡتَالٖ فَخُورٍ ٢٣ ﴾ الحديد: ٢٢ - ٢٣

{Tewali kabi kagwawo munsi, wadde (okugwa) kummwe mwennyini okujjako nga kawandiikibwa mukitabo (kya Allah ekiri w’ali) oluberyeberye nga tetunnaba kukateekawo, mazima ddala ekyo ku Allah kyangu nnyo, muleme okunakuwala ennyo olwekyo

ekiba kibasubye era muleme kusanyuka okusanyuka okw’okwelaga n’okwekuza olwebyo by’abawadde, Allah tayagala buli mwerazi omwewulize}.

Waliwo ebibinja bibiri ebyabula kukugera kwa Allah.
Ekisooka: al jabariyya, abagamba nti ddala omuntu akakibwa bukakibwa emirimu gyakola, era talina busobozi
Ekyokubiri: al qadariyya, abagamba nti omuntu yemalirira muby’akola, alina okwagala n'obusobozi bwe, sossi lwakugera kwa Allah nakwagala kwe.

Era nebawakanya ekyokuba nti Allah y’agera ebintu, n’okubimanya nga tebinnabaawo. Wabula endowooza yebibinja bino byombiriri nkyamu era nfu bweffuffululu.

OMUSOMO OGWOKUNA: EMITEEKO GYATAWUHIID.

Tawuhiid (Okwawula Allah) kuteekululwamu emiteeko esatu.

1: Okwawula Allah mubulezi bwe (Tawuhiid Rubuubiyya).

2: Okwawula Allah mukusiinzibwa (Tawuhiid Uluuhiyya).

3: Okwawula Allah Mumannyage N'ebitendo bye.

AMAKULU GATAWUHIID.

Tawuhiid kitegeeza okwawula Allah mukumusiinza. Era nga ateekululwamu emiteeko esatu.

Ogusooka: Tawuhiid rubuubiyya (okwawula Allah mubulezi bwe), nga nakwo kwekukakasa nti Allah yeyawulidde mukutonda, okugabirira, n'okuteekateeka, era omuteeko gwa tawuhiid guno abashiriku (abagatta ku Allah n'ekintu ekirala) baagukkiriza wabula ekyo tekyabayingiza mubusiraamu. Obujulizi obulaga nti bakkiriza omuteeko guno Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَهُمْ لَيَقُولُنَّ ٱللَّهُ ۖ فَأَنَّىٰ يُؤْفَكُونَ ﴿٨٧﴾ ﴾ الزخرف: ٨٧

{Bwoba nga obabuuzizza nti ani yabatonda, bajja kugamba nti Allah, kaakati lwaki ate basiinza ebirala ebitali ye}.

Ogwokubiri: Tawuhiid Al asmaa waswifaati (Okwawula Allah mumannya ge n'ebiteendo bye), era nga nakwo kwe kuteenda Allah n'ekyo kyeyeetenda nakyo ye kennyini mukitabo kye Quran, oba n'ekyo Nabbi (s.a.w) kyeyamuteenda nakyo mumbeera esaanira ekitiibwa kye n'obugulumivu bwe. Omuteeko guno abashiriku abamu baagukkiriza ate abalala nebaguwakanya mubutamanya oba mubugendereve.

Ogwokusatu: Tawuhiid Uluuhiyya (okwawula Allah mukusiinza). Nga nakwo kwekkola Ibaada yonna (okusiinza) kulwa Allah era

n’obutamugattako kintu kyonna, mumiteeko gyonna egyokusiinza, nga okwagala, okutya n’okusuubira, okwesigamira n’okusaba n’ebirara ebiringa ebyo mumiteeko gyokusiinza. Omuteeko guno Abashiriku bonna baaguwakanya.

EMITEEKO GYASHIRIK.

Shiriki alimu emiteeko esatu:

Shirik omunene (Akibar).

Shirik omutono (Aswigar).

Shirik omwekusifu (Khafiy).

Shirik omunene (Akbar), Asazisaamu emirimu gyonna, era n’okuyingiza omuntu omuliro olubeerela. Allah y’agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَلَوْ أَشْرَكُوا۟ لَحَبِطَ عَنْهُم مَّا كَانُوا۟ يَعْمَلُونَ ﴿٨٨﴾ ﴾ الأنعام: ٨٨

{Singa kaabatanda nebangattako (ekintu ekirala kyonna) gyandisazidwamu emirumu gyabwe jonna jebaakola}.

Era n’agamba:

وقال سبحانه ﴿ مَا كَانَ لِلْمُشْرِكِينَ أَن يَعْمُرُوا۟ مَسَٰجِدَ ٱللَّهِ شَٰهِدِينَ عَلَىٰٓ أَنفُسِهِم بِٱلْكُفْرِ ۚ
أُو۟لَٰٓئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَٰلُهُمْ وَفِى ٱلنَّارِ هُمْ خَٰلِدُونَ ﴿١٧﴾ ﴾ التوبة: ١٧

{Abashiriku (abagatta ku Allah n’ekintu ekirala) tebalina kuzimba mizigiti gya Allah (nga nabo bennyini) bajulira ku myoyo gyabwe obukaafiiri. Abo gyayonooneka emirimu gyabwe, nemumuliro bbo bakubeeramu lubeerera}.

Era oyo yenna gwekatanda n’afiira ku shirik, Allah tagenda kumusonyiwa era ejjana yaziyizibwa kuye okugiyingira.

Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَن يُشْرَكَ بِهِۦ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُ ۚ وَمَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدِ ٱفْتَرَىٰٓ إِثْمًا عَظِيمًا ﴿٤٨﴾ ﴾ النساء: ٤٨

{Mazima Allah tasonyiwa oyo yenna (afa nga) amugattako ekintu ekirala kyonna, wabula asonyiwa kyonna ekitali ekyo (shirik) ku oyo gwaba ayagadde, n'omuntu agatta ku Allah n'ekintu ekirala mazima aba aguunzewo ekibi ekissukkiridde}.

Era n'agamba:

وقَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ إِنَّهُۥ مَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيْهِ ٱلْجَنَّةَ وَمَأْوَىٰهُ ٱلنَّارُ ۖ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنْ أَنصَارٍ ﴿٧٢﴾ ﴾ المائدة: ٧٢

{Mazima omuntu yenna agatta ku Allah n'ekintu ekirala, Allah yaziyiza kuye okuyingira ejjana, n'obuddo bwe muliro era tebalina abalyazaamanyi mutaasa}

Egimu ku miteeko gya shirik omunene:

Okusaba abafu n'amasanamu, n'okubakowoola nga oli mubuzibu, okwetema engalike kulwabwe, n'okubasalira, nebirala ebigwa mukiti ekyo.

SHIRIK OMUTONO

Shirik omutono yooyo eyakakata mubujulizi obuli mu Qura'n ne Sunnah nti shirik, naye nga tatuuka muddaala lya shirik omunene. Okugeza nga okkola kabandabe oba kabampulire mumirimu egimu, okulayira ekitali Allah, n'okugamba nti Allah bwanaaba ayagadde negundi n'ayagala, n'ebirala ebiringa ebyo olwekigambo kya Nabbi (s.a.w) ekigamba nti:

(أخوف ما أخاف عليكم الشرك الأصغر, فسئل عنه فقال: الرياء)

(Ekintu kyensinga okutya gyemuli ye shirik omutono, n'abuzibwa kuye n'agamba nti: okkola olwakabandabe)

Era Nabbi n'agamba:

(من حلف بشيء دون الله فقد أشرك)

(Oyo yenna alayira ekintu kyonna ekitali Allah, aba agasse ku Allah n'ekintu ekirala).

Ate munjogera ya hadith endala:

(من حلف بغير الله فقد كفر أو أشرك)

(Oyo yenna alayira ekintu ekirala ekitali Allah, aba akafuwudde oba aba agasse ku Allah nekintu ekirala).

Era Nabbi (s.a.w) y'agamba:

(لا تقولوا ما شاء الله وفلان, ولكن قولوا ما شاء الله ثم شاء فلان).

(Temugamba nga nti Allah bwanaabanga ayagadde negundi n'ayagala, wabula mugambe nga Allah bwanaaba ayagadde oluvannyuma negundi n'ayagala).

Omuteeko gwa shirik guno tegujja oba tegukakasisa kumuntu kuva mubusiraamu era wadde okubeera mumuliro olubeerera, wabula gugaana omuntu okuba ne Tawuhiid omujjuvu.

SHIRIK OMWEKUSIFU (EYEKWESE).

Guno gwe muteeko gwa shirik ogwokusatu era nga obujulizi bwago ye hadith ya Nabbi (s.a.w) egamba nti:

ألا أخبركم بما هو أخوف عليكم عندى من مسيح الدجال؟ قالوا: بلى. قال: الشرك الخفي........ يقوم الرجل فيصلي فيزين صلاته لما يرى من نظر الرجل إليه) رواه الإمام أحمد في مسنده عن أبي سعيد الخدري – رضي الله عنه.

(Abaffe mbabuulire kiki kyensinga okutya gyemuli okusinga Maseeh dajjaali? Nebagamba nti yee owange gwe omubaka wa Allah. N'agamba: kyensinga okutya gyemuli ye shirik omwekusifu…omusajja ayimirira n'asaala, n'awunda esswala ye olwokuba nga alaba omusajja omulala nga amutunuulidde). Hadith eno yayogerwa Imam Ahmad mukitabo kye Musinad nga agijja ku Abu say'id Al hudriy.

Wabula era tuteekeddwa okukimanya nti tukkirizibwa okuteekulula shirik mumiteeko ebiri jokka. Shirik omunene, neshirik omutono. Kubannga shirik omwekusifu abuna emiteeko gya shirik gyonna, ayingira mushirik omunene okugeza nga shirik w'abannanfuusi kubanga bakweka enzikiriza zabwe ekyamu neboolesa obusiraamu kungulu olwakabandabe n'okutya okutuusibwako obulabe, era shirik omwekusifu abeera nemushirik omutono okugeza nga okkala ekintu olwakabandabe oba kabampulire, nga bwetwakirabe mu hadith ya mahmood bun Labiid nemuhadith ya Abu say'id.

OMUSOMO OGWOKUTAANO: EMPAGI Z'OBUSIRAAMU.

Era nga ziri taano:

1: Okkakasa nti tewali kisiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, n'okukakasa nti Muhammad mubaka wa Allah era mudde we.

2: Okuyimirizaawo esswala.

3: Okutoola zaka mummali yo.

4: Okusiiba Ramadhan.

5: Okugenda kunyumba ya Allah eyemizizo okkola hijja eri oyo yenna aba afunye obusobozi.

Omuwandiisi wekitabo kino bweyamaliriza okunnyonnyola emiteeko gya tawuhiid n'emiteeko gya shirik, yatandika okunnyonnyola empagi z'obusiraamu etaano.

Kyakakata mu hadith entuufu eyatunyumizibwa Abu Abdul rahmaan bun Umar bun alkhatwab Allah yasiima kubo y'agamba nti n'awulira omubaka (s.a.w) nga agamba nti:

(بني الإسلام على خمس: شهادة أن لا إله إلا الله, وأن محمدا عبده ورسوله, وإقام الصلاة, وإيتاء الزكاة, وصيام رمضان, وحج بيت الله الحرام).

Obusiraamu bwazimbibwa kumpagi taano, okukakasa n'okujulira nti tewali kisiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, n'okkakasa nti Nabbi Muhammad mudduwe era mubakawe, n'okuyimirizaawo esswala (ettaano buli lunaku), n'okutoola zakkah mummaali yo, n'okusiiba omwezi gwa ramadhan, n'okulambula enjumba ya Allah eyemizizo (okukola hijja).

N'ekigambokye obusiraamu bwazimbibwa kumpagi taano, empagi zino zenkondo kwebuyimiridde ezibuwaniridde okufaananako bwolaba omuzimbo, Nabbi (s.a.w) yafaananya obusiraamu n'omuzimbo ogwempagi ettaano nga tegusobola kunywera

Nakutebeenkera wadde okubaawo nga teziliiwo, nebivunanyibwa by'obusiraamu ebirala ebisingadde biringa ebijjuuliriza by'omuzimbo.

Ate okkakasa nti tewali kisiinzibwa mubutuufu okujjako Allah era nti ne Muhammad mubaka wa Allah era muddu we; kwekukiriza mumutima okwamazima okulabikira mubikolwa nti Allah ali omu yekka alina okusiinzibwa era n'okukkiriza Nabbi Muhammad (s.a.w) okuba omubaka we era omuddu we, ate munjogera ya hadith ya musilimu mulimu nti okwawula Allah kubintu birala mukumusiinza.

Ate okuyimirizaawo eswallah, Hadith nga eri mu swahih musirimu nga agijja kujaabir y'agamba:

(بين الرجل وبين الكفر والشرك ترك الصلاة).

(Wakati w'omuntu newakati w'obukafiiri n'okugatta ku Allah n'ekintu ekirala 'shirik' kuleka sswala).

Ate muhadith ya Mu ath bun Jabal nga agijja ku Nabbi (s.a.w) y'agamba:

(رأس الأمر الإسلام وعموده الصلاة).

(Omutwe gw'obusiraamu n'enkondo yabwo (kwebwesigamidde) ye sswala).

Ate Abdallah bun Shafiq y'agamba nti: Baswahaba ba Nabbi baali nga tebala mulimu gwonna nga okuguleka kikujja mubusiraamu nga esswala.

Ate okutoola zaka; Y'empagi eyokusatu mumpagi z'obusiraamu, Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَى:﴿ وَأَقِيمُواْ ٱلصَّلَوٰةَ وَءَاتُواْ ٱلزَّكَوٰةَ ﴿٤٣﴾ ﴾ البقرة: ٤٣

{Muyimirizeewo esswala era mutoole zaka (mumaali yammwe)}.

Era Allah n'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ وَمَآ أُمِرُوٓاْ إِلَّا لِيَعۡبُدُواْ ٱللَّهَ مُخۡلِصِينَ لَهُ ٱلدِّينَ حُنَفَآءَ وَيُقِيمُواْ ٱلصَّلَوٰةَ وَيُؤۡتُواْ ٱلزَّكَوٰةَۚ وَذَٰلِكَ دِينُ ٱلۡقَيِّمَةِ ٥ ﴾ البينة: ٥

{Era tebaalagirwa kintu kirala kyonna (kukisiinza) wabula basiinze Allah oyo omu yekka omutonzi nga batukuza eddiini kululwe (obutamugatta na kintu kirala kyonna mukumusiinza nemubwa katonda bwe) era nga bawakanya eddiini endala zonna, badde eri eddiini eyawula Allah, bayimirizeewo esswala, era batoole zakka (baweeyo ekitundu kyeyabalaalika okujja mummaali yaabwe) n'eyo eddiini engolokofu}.

Ate okusiiba Ramadhan; yempagi oyokuna mumpagi z'obusiraamu. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ كُتِبَ عَلَيۡكُمُ ٱلصِّيَامُ كَمَا كُتِبَ عَلَى ٱلَّذِينَ مِن قَبۡلِكُمۡ لَعَلَّكُمۡ تَتَّقُونَ ١٨٣ ﴾ البقرة: ١٨٣

{Abange mwe abakkiriza kulaalikidwa kummwe okusiiba nga bwekwalaalikibwa kw'abo ab'abasooka kyaddaki munaatya (Allah)}.

Ate okkala hijja y'empagi eyokutaano mumpagi z'obusiraamu. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ وَلِلَّهِ عَلَى ٱلنَّاسِ حِجُّ ٱلۡبَيۡتِ مَنِ ٱسۡتَطَاعَ إِلَيۡهِ سَبِيلٗاۚ وَمَن كَفَرَ فَإِنَّ ٱللَّهَ غَنِيٌّ عَنِ ٱلۡعَٰلَمِينَ ٩٧ ﴾ آل عمران: ٩٧

{Era Allah akakasa kubantu bonna okulambula ennyumba eyo (okkola hijja) (nga kino kikakafu) kumuntu aba asobola ekkubo erituuka gy'eri. N'omuntu awakanya (obukakafu bwa hijja) amanye nti mazima Allah mugagga simwetaavu eri ebitonde bye}

OMUSOMO OGWOMUKAAGA: OBULOMBOLOMBO BW'ESSWALA.

Era nga buli mwenda.

Obusiraamu, Amagezi, Okwawula, Okwejjako ekizuusi kyonna, Okwetukuzaako ebikyafu, Okubikka obwereere, Okuyingira kw'obudde, Okwolekera ekibula, Okunuyirira.

Omuwandiisi wekitabo kino oluvannyuma lw'okunnyonnyola empagi z'obusiraamu etaano mumusomo ogwokutaano, yalaba nga kisaanidde okuzzako okunnyonnyola obulombolombo bw'esswala kubanga esswala yemu kumpagi z'obusiraamu enkulu ennyo olunannyuma lwa shahaada ebbiri, era olwokubanga esswala tetuuka singa akamu kubulombolombo buno kabulawo kyasaanira okubunnyonnyola wano.

1. **Obusiraamu.** Asaala esswala alina kuba nga musiraamu, era atali musiraamu bw'asaala esswala gy'asadde tetuuka era tetukkirizibwa kusaalira mabega we. Kino kitegeeza nti omuntu ebbanga ly'amala nga musiraamu, tukkirizibwa okusaalira emabega we.

2. **Amagezi.** Asaala alina okuba nga ategeera, era omuntu atategeera abeere mulalu oba mwana muto atayawula aba tasobola kusaala sswala n'agitereeza nga bw'erina okusaalibwa.

3. **Okwawula.** Okwawula kalombolombo mu kutuuka kw'esswala. Atayawula abalibwa mu batategeera. Y'ensonga lwaki ekkalaamu yasitulwa ku muntu eyeebase okutuusa lw'azuukuka, omulalu okutuusa lw'addamu okutegeera n'okwawula n'omwana omuto okutuusa lw'akula. Kyova olaba nti Nabbi (s.a.w) y'agamba nti:

(مروا أبناءكم بالصلاة لسبع)

(Mulagire abaana bammwe okusaala nga bawezezza emyaka musaanvu) nga ekigengererwa mwekyo kuba nti batuuse okwawula.

4. **Okweggyako ekizuusi.** Ekizuusi ekinene kiggyibwawo na kunaaba ate ekizuusi ekitono kiggyibwawo na kutawaaza (kufuna wudhu).

5. **Okuggyawo obukyafu.** Esswala y'omuntu alina obukyafu kumubiri gwe, oba kungoye ze, oba mukifo w'asaalira tetuuka. Nabbi (s.a.w) yagamba:

لا تقبل صلاة بغير طهور

(Esswala tekkirizibwa singa omuntu aba simutukuvu)

N'olwekyo asaala ateekeddwa okulongoosa omubiri gwe, engoye ze wamu n'ekifo w'asaalira.

6. **Okubikka obwereere.** Kano nako kalombolombo mu kutuuka kw'esswala. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ يَٰبَنِيٓ ءَادَمَ خُذُواْ زِينَتَكُمۡ عِندَ كُلِّ مَسۡجِدٖ ﴾ الأعراف: ٣١

{Abange abaana ba Adamu mutwalenga okwenyiriza kwamwe buli awali omuzigiti}

Obwereere bw'omusajja buva ku kkundi okutuuka ku maviivi. Singa asaala nga waliwo ekifo ekirabika wakati w'ekkundi n'amaviivi, esswala tetuuka. Era kimukakatako okubikka ebibegaabega bye oba waakiri ekimu kubyo. Obwereere bw'omukyala buzingiramu omubiri gwonna okuggyako ekyenyi n'ebibatu ne wansi w'ebigere singa aba avunnamye newalabika naye nga bw'aba ayimiridde olugoye lw'ayambadde lubikka ebigere bye.

7. **Okuyingirawo kw'ekiseera ky'esswala.** Esswala tetuuka okuggyako nga ekiseera kyayo kimaze okuyingira.

Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ:﴿ أَقِمِ ٱلصَّلَوٰةَ لِدُلُوكِ ٱلشَّمۡسِ ﴿٧٨﴾ ﴾ الإسراء: ٧٨

{Yimirizaawo esswala (oluvannyuma) lw'okukyuka kw'enjuba (nga eyolekera okugwa)}.

Hadith nga eva ku Umar (Allah y'asiima kuye) y'agamba:

(الصلاة لها وقت شرطه الله لا تصح إلا به)

(Esswala erina ekiseera Allah kyeyassawo tetuuka okujjako nga kiyuuse)

Ekyo kitegeeza nti esswala erina okusaalibwa mu kiseera kyayo era bino by'ebiseera by'esswala ettaanu.

a.Subh: Etandika okuva emmambya lw'esala okutuusa enjuba lw'evaayo. Asaala esswala nga obudde bwayo tebunnatuuka aba alina okugiddamu era n'oyo asaala esswala nga ekiseera kyayo kiyise tekkirizibwa okuggyako nga ali mumbeera emukkirizisa okusika esswala eyomumaaso n'agisaalira mu budde bw'esswala ey'emabega oba okwongerayo esswala n'agisaalira mu kiseera ky'esswala eddako.

b. Dhuhr. Eno esswala ekiseera kyayo kitandika oluvannyuma lw'okukyuka kwenjuba okutuusa ekisiikirize ky'ekintu lwekikyenkana.

c. Asr. Eno ekiseera kyayo kitandika okuva ekisiikirize ky'ekintu lwekikyenkana okutuusa enjuba lw'egwa.

d. Magrib. Eno etandika okuva enjuba lw'egwa okutuusa ebire ebimyufu lwebiggwaayo.
e. Ishaa. Etandika okuva ebire ebimyufu lwebiggwayo okutuuka mumakkati g'ekiro. Ebiseera bwe esswala zonna birambikibwa buluungi mu Hadith ya Jibriir bwe yajjanga n'asaaza Nabbi (s.a.w)

8. **Okwolekera ekibula.** Kino kitegeeza okwolekera Kaaba eri oyo agirabako oba okwolekera oludda lwa Kaaba eri oyo atagirabako.

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ فَوَلِّ وَجْهَكَ شَطْرَ ٱلْمَسْجِدِ ٱلْحَرَامِ ۚ ﴾ البقرة: ١٤٤

{Kale yolekeza ekyenyi kyo (nga osaala) kuludda lw'omuzikiti ogw'emizizo (Kaaba)}.

Wakati w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba w'ewali ekibula. Wabula omutambuze akkirizibwa okusaala esswala eya kyeyagalire (Sunnah) nga ali kunsolo nebw'aba nga tayolekedde kibula.

9. **Okumalirira (enniya).** Nga emirimu gyonna bwegitakkirizibwa okuggyako nga giriko enniya entuufu, n'esswala nayo tekkirizibwa okuggyako nga eriko okumalirira.

Nabbi (s.a.w) y'gamba:

(إنما الأعمال بالنيات).

(Mazima buli mulimu gutuukirira nakumalira).

OMUSOMO OGWOMUSAANVU: EMPAGI Z'ESSWALA

Okwawukanako n'obulombolombo bw'esswala obuli ebweru w'esswala, empagi z'esswala zzo ziri mu sswala munda naye nga byonna (obulombolombo n'empagi) biviirako esswala okufa singa ekimu kubyo tokikola. Empagi y'esswala nebw'oba ogyerabidde, kikukakatako okuddayo n'oginona wonna w'ogijjukirira. Empagi z'esswala ziri kkumi nayya (14):

1. Okuyimirira kw'oyo alina obusobozi. Oyo yenna alina obusobozi obuyimirira n'atayimirira, esswala ye tekkirizibwa. Allah y'agamba

قَالَ تَعَالَى:﴿ وَقُومُوا۟ لِلَّهِ قَـٰنِتِينَ ﴿٢٣٨﴾ ﴾ البقرة: ٢٣٨

{Era muyimirire (musswala) kulwa Allah nga musirise mwewombeese}.

Hadith nga eva ku Imraan nga agijja ku Nabbi (s.a.w) y'agamba: ''Saala nga oyimiridde''.

Atalina busobozi buyimirira akkirizibwa okusaala ng'atudde, n'atasobola kutuula akkirizibwa akusaala nga yeebase. Kino kiri ku sswala ezaalaalikibwa, naye esswala eza kyeyagalire (Sunnah) omuntu akkirizibwa okuzisaala nga atudde nebwaba ng'alina obusobozi obuyimirira, naye nga asaala atudde ng'alina obusobozi obuyimirira afuna kitundu kyampeera z'oyo asadde nga ayimiridde.

2. Takbiira ey'emizizo. Eno ye takbiira eggulawo esswala era ekuziyiza okukola ebikkirizibwa ebweru w'esswala. Nabbi (s.a.w) y'agamba:

(مفتاح الصلاة الطهور, وتحريمها التكبير, وتحليلها التسليم).

(Ekisomuluzo kye esswala kwetukuza, ate ekiziyiza kyayo takibiira ‘‘ey’emizizo’’ n’okuteebwa kwayo (omuntu nakkirizibwa okkola ebibadde bimugaanidwa) salaamu)

Omuntu atagireeta asswala ye tetuuka. Nebw’oba osanze esswala (ya jama’a) nga egenda mumaaso, kikukakatako okuleeta takbiira eno n’oluvannyuma olyoke weegatte ku Imaam ku kiyungo kyonna w’oba omusanze. Okugeza, singa osanga Imaam nga ali ku maviivi, olina okuleeta takbiira eno ekuyingiza mu sswala n’oluvannyuma n’oleeta takbiira endala ekutwala ku maviivi.

3. Okusoma alfaatiha. Asaala bw’atasoma alfaatiha esswala ye tekkirizibwa. Nabbi (s.a.w) y’agamba muhadith nga ejjibwa ku Ubaadata bub swamit nti:

لا صلاة لمن لم يقرأ بفاتحة الكتاب.

(Teri sswala ntuufu eri oyo atasomye Alfaatihah).

Okujjako singa obeera emabega wa Imaam musswala ey’olwatu.

4. Okukutama ku maviivi. Allah y’agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ يَـٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ ٱرْكَعُوا۟ ﴿٧٧﴾ ﴾ الحج: ٧٧

{Abange mmwe abakkiriza muvunname (nga musaala)}.

Nabbi (s.a.w) y’agamba muhadith y’omusajja eyajabula esswala ye:

(ثم اركع حتى تطمئن راكعا).

(Oluvannyuma ovunname okutuusa lwotebeenkera nga ovunnamye).

Empagi eno nkulu nnyo era nga oyo agisanze abalibwa nti asanze raka’a eyo. Omuntu nebw’aba tayimiridde na Imaam era nga

tasomye alfaatiha naye n’asanga Imaam nga akutamye, singa akutama n’atereera nga Imaam tannatandika kukutaamulukuka, abalibwa nti raka’a eyo agisanze.

5. Okukutaamulukuka. Amakulu bw’agamba nti **sami’a llaahu liman hamidah**, alina okuva ku maviivi n’ayimirira. Nabbi y’agamba:

6. Okutebenkera oluvannyuma lw’okukutaamulukuka.

ثم ارفع حتى تطمئن قائما.

(Oluvannuma okutaamulukuke okutuusa lw’otebenkera nga oyimiridde).

Okukutaamulukuta ate amangu ago n’ovunnama nga totebenkedde waggulu tekimala wabula, asaala olina okutebenkera oluvannyuma lw’okukutaamulukuka.

7. Okuvunnama ku biyungo musanvu. Olwa hadith ya Nabbi egamab nti:

(أمرت أن أسجد على سبعة أعظم: على الجبهة, وأشار بيده على أنفه, واليدين, والركبتين, وأطراف القدمين) متفق عليه.

(Nalagirwa okuvunnamira kubiyungo musaanvu: Ekyenyi, n’asonga n’omukonogwe kunnyindo ye, n’emiko gyobiriri (ekigendererwamu bibatu byombi), n’amaviivi gombi, n’obugere bwebigere byombi). Hadith y’egattibwako Bukhar ne Musirimu.

Ebiyungo omusanvu byonna birina okutuuka wansi asaala w’avunnama.

8. Okusituka (okuva mu luvunnama olusooka).

9. Okutuula wakati w’envunnama ebbiri. Wano nawo olina okutebenkerawo. Olwa hadith egamba:

ثم ارفع حتى تعتدل جالسا.

(Oluvannyuma oveeyo okutuuka lwonatereera nga otudde).

Olwekigambo kya Aisha (r.a.a):

(كان رسول الله صلى الله عليه وسلم إذا رفع رأسه من السجود لم يسجد حتى يستوى قاعدة).

(Yali omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibe kuye, nga bwayimuka okuva mukuvunnama taddawo kuvunnama okutuusa nga amaze kutuula n'atebenkera).

10. Okutebenkera mu bikolwa byonna. Buli kikolwa ky'ogendako mu sswala olina okukitebenkerako. Nabbi (s.a.w) y'agamba:

صلوا كما رأيتموني أصلي.

(Musaale nga bwemulabye nsaala). Ate nga tukimanyi buluungi nti Nabbi (s.a.w) bweyabanga asaala yatebenkeranga mubikolwa byonna.

11. Okuliraanyisiganya wakati wempagi zonna

12. Okutuula Tashahhud esembayo. Oyinza okugiyita Tahiyyaatu esembayo. Nabbi (s.a.w) y'agamba:

(إذا جلس أحدكم في صلاة فليقل التحيات لله والصلوات والطيبات, السلام عليك أيها النبي ورحمة الله وبركاته, السلام علينا وعلى عباد الله الصالحين)

(Omu mumwe bw'atuulanga (tahiyyatu) musswala agambe nga ebiramuso n'emirembe ebiruungi bya Allah, emirembe gibe kugwe owange Nabbi n'okusaasira kwa Allah n'emikisa gye nekubaddu ba Allah abalongoofu.

13. Okusaalira Nabbi (s.a.w) mu tahiyyatu esembayo olwa hadith ya qaabu bun Ajrat bwe b'abuuza Nabbi (s.a.w) ku butya bwebalina okumsaalira n'abagamba mugambe nti:

قولو ا: اللهم صل على محمد وعلى آل محمد، كما صليت على إبراهيم وعلى آل إبراهيم إنك حميد مجيد، اللهم بارك على محمد

وعلى آل محمد كما با كت على إبراهيم وعلى آل إبراهيم إنك حميد مجيد

(Mugambe nti Ayi Allah ssa okusaasira kwo eri omubaka Muhammad n’abantu be nga bwewassa okusaasira ku Nabbi Ibrahiim nekubantu be, Era Allah tukusaba osse emikisa ku Muhammad n’abantu be nga bwewassa emikisa ku Ibrahiim n’abantu be kubanga mazima ddala gwe atenderezeba asuutibwa)

14. Okutoola Ssalaam. Salaamu kekabonera akalaga enkomerero y’esswala era y’ekukkiriza okukola by’obadde oziyiziddwa okukola nga olimu sswala.

OMUSOMO OGWO MUNAANA: EBIKAKATA MUSSWALA.

Ebikakata (Waajibaatu) mu sswala, Okufaanaganako n'empagi z'esswala, omuntu aleka ekimu ku bikakata by'esswala nga agenderedde, esswala gy'asaala tetuuka. Wabula okwawukanako n'empagi z'esswala, omuntu aleka ekikakata ky'esswala nga yeerabidde, tekimukakatako kuddayo kukinona nga akijjukidde, wabula agenda mu maaso na sswala naye kunkomerero y'esswala alina okuvunnamayo envunnama bbiri (sujuudu sahawu) oluvunnama olw'okwerabira. Ebikakata by'esswala biri munaana:

1. Takbiira zonna ng'oggyeko takbiira ey'emizizo. Olwekigambo kya Ibn Masuud ekigamba nti: (Nalabanga Owekitiibwa Nabbi 's.a.w' nga aleeta Takbiira buli mukukutama nemukukutaamuluka, nemubuli kuyimuka n'okutuula)

2. Okugamba nti **sami a Llaahu liman hamidah** nga okutaamulukuka kubuli rakaa. Olwa hadith ya Abu Huraira egamba nti:

(كان رسول الله صلى الله عليه وسلم يكبر حين يقوم إلى الصلاة ثم يكبر حين يركع ثم يقول: سمع الله لمن حمده حين يرفع صلبه من الركعة, ثم يقول وهو قائم: ربنا ولك الحمد) متفق عليه.

(Yali omubaka wa Allah 's.a.w' aleeta takibiira buli lweyayimirira nga okusaala, oluvannyuma n'aleeta takibiira buli lweyagenda nga kumaviivi n'oluvannyuma n'agamba: 'sami a Llaahu liman hamidah' Allah awulidde oyo amutenderezza buli lweyasitulanga omugongo gwe okuva kumaviivi, oluvannyuma n'agamba nga ayimiridde: ''Rabbanna walaka-lhamdu'' (Omulezi waffe gago amateendo.)

3. Okugamba nti **rabbanaa walaka-lhamdu** nga oyimiridde oluvannyuma lw'okukutaamulukuka.

4. Okugamba nti **subhaana rabbiyal adhiim** nga okutamye ku maviivi.

5. Okugamba nti **subhaana rabbiyal a-alaa** nga ovunnamye wansi. Olwekigambo kya Huthaifa (Yali Nabbi ‘s.a.w’ agamba mukukutama kumaviivi nti ‘subhaana rabbiyal adhiim’ ate mukuvunnama kuttaka ‘subhaan rabbiyal a-alaa)

6. Okugamba nti **rabbi ighfirlii** nga otudde wakati w’envunnama ebbiri.

7. Tashahhud esooka oba giyite Tahiyyaatu esooka. Olwekigambo kya nabbi (s.a.w) ekigamba nti:

(إذا قمت في صلاتك فكبر ثم اقرأ ماتيسر من القرآن, فإذا جلست في وسط الصلاة فاطمئن وافترش فخذك اليسرى ثم تشهد).

(Bwobanga oyimiridde okusaala, leeta takibiira oluvannyuma osome ky’oba osobodde (ekiba kikwanguyidde) mu Qura’n, bwoba nga otudde wakati musswala, tebeenkera oyalirire ekisambi kyo ekyakkono oluvannyuma oleete Tahiyaatu).

8. Okutuula mu Tashahhud esooka.

OMUSOMO OGWOMWENDA: OKUNNYONNYOLA ATTAHIYAAT.

‘‘Attahiyyatu lillahi wasswalawaat watwayyibaati, Assalaam alaika ayyuha Nabiyyu warahumatullahi wabarakaatuh, Assalaamu Alaina wa alaa ibaadi llahi swalihiin, Ashihadu an laa ilaaha illa Allah, wa ashihadu anna Muhammada abuduh warasuuluh, Allahumma swalli alaa Muhammad wa alaa a’li Muhammad kama swallayita alaa Ibrahiim wa alaa a’li Ibrahiim innaka hamiid majiid, Wabaarik Allahumma alaa Muhammad wa alaa a’li Muhammad kama baarakita alaa Ibrahiim wa alaa a’li Ibrahiim innaka hamiid majiid.’’

Okunnyonnyola amakulu ga tahiyyat kugenda bwekuti
‘‘Ebiramuso ebiruungi n’emirembe bya Allah owekitiibwa, emirembe gibe kugwe owange gwe omubaka wa Allah n’okusaasira kwe, n’emikisa gye, emirembe gibe gyetuli n’eri abaddu ba Allah abalongoofu, nkakasa nti teri asiinzibwa mubutuufu okujjako Allah, era nkakasa nti Muhammad mubaka wa Allah era muddu we, Ayi Allah ssa okusaasira kumubaka Muhammad n’abantu benju ye nga bwewakussa ku Ibrahiimu n’abantu benju ye kubanga mazima ddala gwe atenderezebwa era asuutibwa, Era osse emikisisa kumubaka Muhammad n’abantu benju ye nga bwewassa emikisa ku Ibrahiimu n’abantu benju ye kubanga mazima ddala gwe ateenderebwa era asuutibwa’’.

Oluvannyuma neyekingiriza Allah mutashahhudi esembayo ebibonerezo by’omuliro, n’ebibonerezo byakabbuli, n’ebikemo by’obulamu n’ebyokufa, n’ebikemo bya maseehe dajjari, oluvannyuma n’alondayo mudduwa yonna gyayagala n’agisoma n’okusingira ddala ezo ezakakata okuva ku Nabbi (s.w.a).

Nga muzo mulimu (Allahumma a’inni alaa zhikirika washukurika wa husuni Ibaadatika, Allahumma inni dhalamutu nafusi dhuluman

kathiira walaa yagafir dhunuuba illaa anita, fagafiririi magafiratan mini indika waruhamuni innaka anita al gafuuru rrahiimu)

Okuvvunula (Ayi Allah nkusaba onnyambeko kukutendereza, n’okukwebaza, n’okulongoosa okukusiinza kwo, ayi Allah, mazima ddala nze nelyazamaanyizza omwoyo gwange olweryazaamaanya olunene ennyo, atenga tewali asonyiwa byonoono okujjako gwe, nsaba onsonyiwe olusonyiwa okuva gyoli era onsaasire kubanga mazima ddala gwe musonyiyi omusaasizi).

OMUSOMO OGWEKKUMI: EBIRI SUNNAH MUSSWALA.

Ebiri sunnah mu sswala. Bino singa okireka, tekitta sswala naye nga aba akikoze akifunamu empeera. Kino kitegeeza nti abikola afuna empeera nnyingi okusinga oyo aba tabikoze. N'olw'ekyo buli omu asaanye abifeeko nnyo kimusobozese okufuna empeera eziwerako mu sswala gy'asaala. Ebiri sunnah byebino:

1. Okusoma edduwa eggulawo esswala.

2. Okuteeka ekibatu ekyaddyo ku kyakkono kukifuba kyo nga oyimiridde mu sswala. Kino okikola mukuyimirira okusooka kwokka nga tonnakutama ku maviivi.

3. Okusitula emikono gyombi ng'ogasse engalo okugituusa ku bibegaabega oba ku matu. Emikono gisitulwa mu bifo bina; mukuleeta takbiira esooka, mukukutama, mukukutaamulukuka, ne mukuyimirira oluvannyuma lwa raka'a ebbiri nga omaze tashahhud esooka.

4. Okuddamu ebisomebwa mu kukutama n'okuvunnama emirundi egisukka ku gumu. Guyinza okuba omulundi gumu, esatu, etaano oba musanvu.

5. Okusoma ebigambo ebyeyongera ku kigambo **Rabbanaa walakal hamdu** (Omulezi waffe gago amatendo) oluvannyuma lw'okukutaamulukuka okuva ku maviivi.

6. Okuddamu edduwa esomebwa wakati w'envunnama ebbiri emirundi egisukka ku gumu.

7. Okwenkanyankanya omutwe gwo n'omugongo mu kukutama, nga nebwebaba bakuyiyeeko amazzi gasobola okutebenkerako.

8. Okwawula emikono ku mbiriizi, n'olubuto ku bisambi, n'ebisambi ku ntumbwe mu kuvunnama.

9. Okusitula emikono negiteebaka wansi mu kuvunnama. Nabbi yagaana okwebasa (okwalirira) emikono wansi mu kuvunnama n'ofaanana ng'embwa.

10. Okutuula ku kigere ekya kkono nga okyebasizza wansi ate n'osimba ekya ddyo wakati wenvunnama ebbiri.

11. Okutuula ku kigere ekya kkono nga okyebasizza wansi ate n'osimba ekya ddyo mu Ttashahhud esooka nemu sswala ezirina Ttashahhud emu yokka oba ziyite azirina raka'a bbiri zokka. Wabula mu sswala ezirina Ttashahhud ezisukka kw'emu, oyisa ekigere kya kkono wansi w'okugulu kwa ddyo, n'osimba okigere kya ddyo, n'otuuza akabina wansi mu Ttashahhud esembayo.

12. Okulaza n'olugalo (nva mumba) oluddirira kyala kisajja mu Ttahiyyaatu esooka n'esembayo n'okulunyenya nga osaba nalwo.

13. Okusaalira nabbi mu Ttashahhud esooka. Wabula okumusaalira mu Ttashahhud esembayo mpagi ya sswala.

14. Okusaba oluvannyuma lwa Ttashahhud esembayo nga tonnatoola salaamu.

15. Okusoma mu lwatu mu sswala ya Subh, ne raka'a ebbiri ezisooka ku sswala ya Maghrib ne Ishaa'i.

16. Okusoma mu kyama mu sswala ya Dhuhr, ne Asr, ne raka'a eyookusatu mu sswala ya Maghrib ne raka'a eyookusatu n'eyookuna mu sswala ya Ishaa'i.

17. Okusoma essuula yonna oba Ayaat zonna (zoba osobodde) oluvannyuma lwa Alfaatiha. Ebiri sunnah mu sswala bingi nga ebimu kubyo byogeddwa ate ebirala tubiresseeyo. Mubitayogeddwa mulimu olutuula olw'okuwummula nga osituka okunono raka'a eyookubiri n'eyookuna, okuteeka ebibatu ku maviivi nga engalo ozaawudde mu kukutama n'ebirala.

Ebiri sunnah musswala bitekululwamu emiteeko ebiri.

Omuteeko ogusooka: Sunnah ez'ebigambo.

Omuteeko ogwokubiri: Sunnah ez'ebikolwa.

Era sunnah zonna (ez'ebikolwa n'ebigambo) omuwandiise yazinnyonnyola nga bwetuzilabye waggulu. Sunnah zino sizatteeka asaala okuzikola wabula oyo yenna azikola oba akola ezimu kuzo afuna empeera. Era oyo yenna azireka oba aleka ezimu kuzo tafuna musango era nga byekiri kussunnah endala zonna. Wabula kisaanidde eri buli musiraamu okuzireeta era ajjukire ekigammbo kya Nabbi (s.a.w) bwey'agamba nti:

(عليكم بسنتي وسنة الخلفاء الراشدين المهديين عضوا عليها بالنواجذ)

(Mwekwate kunkola yange n'enkola y'abasika bange abalungamya abalunngamizibwa mujenywerezeeko n'amagego)

OMUSOMO OGWEKUMI N'OGUMU: EBITTA ESSWALA.

Oluvannyuma lwo muwandiisi wekitabo kino okunnyonnyola obulombolombo bw'esswala, n'empagi zaayo, nebyetteka muyo, ne biri sunnah eby'ebigambo n'ebikolwa, yannyonnyola ebitta esswala, omusiraamu asobole okubyewala esswala ye obutafa, era nga biri munaana.

1. Okwogera nga ogenderedde nga ojjukira era nga omanyi, olwa hadith ya Zaid bun Arqam egamba nti (Twalagirwa okusirika 'musswala' netuganibwa okwogera) wabula ye ayogerera musswala nga yerabidde, n'atamanyi esswala ye tefa olwekyo.

2. Okuseka. Ibn munthir y'agamba: 'Abamanyi bonna beegatta kukyokuba nti okuseka kutta esswala'

3. Okulya.

4. Okunywa. Ibn Munthir y'agamba beegatta abo bonna betujjako hadith nti omuntu yenna alya oba n'anywa nga agenderede musswala eyetteka, alina okuddamu okusaala.

5. Obwereeere okubikkuka kubanga obumu kubulombolombo bwesswala okubikka obwereeere, kati singa akolombolombo kabulawo esswala efa.

6. Okukyuuka ennyo okuva kuludda lwekibula kubanga kubulombolombo bwesswala mulimu okwolekera ekibula.

7. Okuzannya okunji okuddiringanye musswala.

8. Wudhu okugwaako, omuntu yenna wudhu gweggwaako esswala ye efa.

OMUSOMO GWEKUMI NEBBIRI: OBULOMBOLOMBO BWA WUDHU.

Obulombolombo bwa wudhu bwebuno wammanga:

1: Obusiraamu, kubanga wudhu tekkirizibwa ku atali musiraamu okutuusa nga asiramuse.

2: Amagezi. Kubanga omulalu tavunaanyizibw by'akola

3: Okwawula. Kubanga omwana omuto atannayawula naye temuvunaanyizibwa kwo.

4: Okumalirira (Okunuyirira) afuna wudhu alina okununuyirira okwetukuza sossi kweweweezako oba okubanga agendereramu kwejjako kko kyokka.

5: Obuyonjo n'obutukuvu bwa'amazzi, singa amazi g'ofunisa wudhu gabeera makyaafu wudhu tetuuka, era amazzi g'atekeddwa okuba nga gakkirizibwa (mubaah) singa gabeera mabbe oba okubanga ogafunye mumakubo agatali malaambulukufu wudhu yo tetuuka.

6: Okkulembeza okutawaaza (okwetukuza mubitundu ebyekyama) n'amazzi oba n'amayinja singa aba amalirizza ekyetaago.

7: Okwejjako ekyo kyonna ekiyinza okuziyiza amazzi okutuuka kumubiri, omuntu afuna wudhu atekeddwa okujja kubiyungo bya wudhu ebintu nga ebizigo ebingi oyiro, ebifuta futa akadongo amazzi gasobole okutuuka kumubiri gwe butereevu nga tegalina kigaziyiza kyonna.

8: Okuyingira kwekiseera ky'esswala eri oyo avaamu ekizuusi (nga omusulo) buli kadde, nabwekityo omukyala alina ekikulukuto alina okufuna wudhu buli lw'agenda okusaala.

OMUSOMO OGWEKUMI NESSATU: EBYALALIKIBWA BYA WUDHU.

Ebyalalikibwa bya wudhu (okutawaaza) biri mukaaga era nga byebino wammanga:

Ekisooka: Okunaaba mumaaso era nga kuzingiramu okuyumunguza amazzi mukamwa n'okufeesafeesa munnyindo. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْ إِذَا قُمۡتُمۡ إِلَى ٱلصَّلَوٰةِ فَٱغۡسِلُواْ وُجُوهَكُمۡ وَأَيۡدِيَكُمۡ إِلَى ٱلۡمَرَافِقِ وَٱمۡسَحُواْ بِرُءُوسِكُمۡ وَأَرۡجُلَكُمۡ إِلَى ٱلۡكَعۡبَيۡنِۚ ٦ ﴾ المائدة: ٦

{Abange abakkiriza bwemubanga muyimiridde okugenda okusaala munaaze mu maaso gammwe n'emikono gyamwe okutuusa kunkokola, era musiige kumitwe gyammwe amazzi era munaabe n'ebigere byamwe okutuuka kubukongovule}.

Ate obujulizi kukuyumunguza mukamwa n'okufeesafeesa munyindo buli nti byombi bisangibwa mumaaso, era nabuli muntu annyonnyola engeri Nabbi (s.a.w) jeyafunangamu wudhu alaga nti yayumunguzanga mukamwa n'afeesafeesa nemunnyindo.

Hadith nga eva ku Abi Huraira nga agijja ku Nabbi (s.a.w) y'agamba:

(إذا توضأ أحدكم فليجعل في أنفه ماء ثم لينثره) .

(Omu mumwe bwabanga afuna wudhu ateeke nga amazzi munnyindo oluvannyuma aganyize).

Ekyokubiri: Okunaaba emikono gyombiriri. Olwa a'ya eyo gyetulabye nga mulinu n'okunaaba emikono. Nekiteegenza nti tulina okunaaba emikono kuba ne Nabbi (s.a.w) bwatyo bweyafuuna nga wudhu ate nga tuteekedwa okumogoberera.

Ekyokusatu: Okusiiga omutwe gwonna amazzi era nga kusingiramu n'amatu. Kuba Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ:﴿ وَٱمۡسَحُواْ بِرُءُوسِكُمۡ ﴾ المائدة: ٦

{Era musiige nga (amazzi) kumitwe gyamwe}.

Ne Nabbi (s.w.a) y'agamba:

(الأذنان من الرأس)

(Amatu gombi gali mmutwe).

Ekyokuna: Okunaaba amagulu (gombi) wamu n'obukongovule. Olawa a'ya egamba:

قَالَ تَعَالَىٰ:﴿ وَأَرۡجُلَكُمۡ إِلَى ٱلۡكَعۡبَيۡنِۚ ﴾ المائدة: ٦

{Munaabe n'ebigere byammwe okutuuka (wamu) n'obukongovule}.

Ekyokutaano: Okuliraanisa ebiyungo nga ofuna wudhu kubanga Allah yabyogera nga abiriranyisizza, n'okuyingiza (ekiyungo) ekisiigibwa (omutwe) wakati webinaabibwa kabonero akalaga obukulu bwokuliraanisa ebiyungo nga ofuna wudhu.

Ekyomukaaga: Okugobereza, nga nakwo kwekunaaza ekiyungo nga ekikiddiridde tekinnakala, Afuna wudhu alina obutakeereya kunaaza kiyungo kyonna kiddako (mubiyungo bya wudhu), nga bweyali enkola ya Nabbi (s.a.w).

OMUSOMO OGWEKUMI NENNYA: EBYONOONA WUDHU.

Omuwandiisi wekitabo kino yayogera ku wudhu mumusomo oguyise (ogwekumi nesatu) n’ayagala mumusomo guno wano annyonnyole kubintu ebigyonoona omusiraamu abeere n’okumanya kunsonga ezikwata ku ddiini ye, era nga byebino wammanga:

Ekisooka: Ekizuusi ekifuluma mulimu kumakubo abiri sinsonga kingi oba kitono, era nga kitekululwamu emiteeko ebiri:

1: Ebyabulijjo ebimanyiddwa nga omusulo n’empitaambi, bino by’onoona wudhu awatali kwetemamu wakati w’abamanyi okusiinziira kubigambo bya Abdul barri. Allah y’agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿أَوْ جَآءَ أَحَدٌ مِّنكُم مِّنَ ٱلْغَآئِطِ ۝٦﴾ المائدة: ٦

{Oba azze omu mummwe ng’ava okukyama (okweyamba)}.

2: Ebitali bwabulijjo nga obwoka, obuyinja nebirala, bino bitta wudhu olwekigambo kya Nabbi (s.a.w) kyeyagamba ku mukyala alina ekikulukuto nti ‘alina okufuna wudhu buli sswala’. Omusayi gwe guno sigwabulijjo naye olwokuba nga guva mulimu kumakubo abiri gufaananyizibwa ogwabulijjo.

Ekyokubiri: Okufuluma kwekizuusi ekikyafu ekisusse mumubiri, kino bwekiba kingi kitta wudhu naye ate bwekiba kitono wudhu teyonooneka, okugeza nga omusaayi bwegusukka okufuluma mumubiri gutta wudhu naye ate bweguba mutono tefa, Olwekigambo kya Ibn Abbas ekigamba nti ‘singa omusaayi guyitirira okufuluma alina okudda okufuna wudhu’ nolwekyo omuaayi bweguba mungi wudhu efa, Ate obujulizi obulaga nti omutono tegutta wudhu Ibn Umar yafuna akawundu n’avamu omusaayi naye teyaddamu kugifuna, era nga tewali swahaba yenna yabawakanya nekiba nti bonna bakyegattako.

Ekyokusatu: Okugwamu amagezi n'ekintu nga otulo, n'ebirala nga eddalu, okuzirika, okutamiira, olwekigambo kya Nabbi (s.a.w) ekigamba nti: (Amaaso kisaanikira kyabufulumiro, oyo yenna eyebakanga addemu afune wudhu). Ate kwo okuzirika, okugwa eddalu, n'okutamiira byamaanyi mukutwala amagezi okusinga okwebaka nekiba nti mukwonoona wudhu byebisingako.

Ekyokuna: Okukwata kubwereere n'omukono, emabega oba mumaaso nga tewali kiziyiza kyonna olwa hadith ya Nabbi (s.a.w) egamba nti:

(من مس فرجه فليتوضأ)

(Omuntu yenna akwatanga kubwereere bwe afune nga wudhu).

Ekyokutaano: Okulya ennyama yengamiya olwebitunyumizwa okuva ku Jaabir bun Abdallah nti omusajja y'abuuza Nabbi (s.a.w) 'owange omubaka wa Allah nfunenga wudhu oluvannyuma lw'okulya ennyama y'engamiya? Namuddamu nti ye, funanga wudhu oluvannyuma lwokulya ennyama yengamiya'.

Ekyomukaaga: Okuva mubusiraamu (Nsaba Allah akituteeke wala), omuntu yenna singa ava mubusiraamu wudhu ye efa, kuba Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَى: ﴿ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ ﴿٦٥﴾ ﴾ الزمر: ٦٥

{Singa wagatta ku Allah ekintu ekirala (n'okisinza ekitali ye) emirimu gyo gyandiyonoonese (n'otafunamu kalungi konna)}.

Okulabula okubuna: Mazima kwo okunaaza omufu ekituufu kiri nti tekutta wudhu, era nga kyekigambo ky'abamanyi abasinga obungi kubanga tewaliwo bujulizi bwonna kwekyo, wabula singa omukono gw'anaaza gukwata kubweere bw'omufu nga tewali kiziyiza kyonna kimukakatako okuddamu wudhu. Nga ekyetteka eri anaaza yenna obutakwata kubwereere bwamufu okujjako nga

waliwo ekibikka. Nabwekityo okukwata kumukyala tekutta wudhu sinsonga nabwagazi oba nedda, (okusiinziira kukigambo ekisinga okuba ekituufu kunjogera z'abamanyi ebbiri) ebanga lyamala nga tewali kimufulumyemu, kubanga Nabbi (s.a.w) yanywegera nga abamu kubakyala be oluvannyuma n'agenda okusaala nga tazzeemu kufuna wudhu. Wabula yo eya egamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ أَوۡ لَٰمَسۡتُمُ ٱلنِّسَآءَ ٦ ﴾ المائدة: ٦

{Obanga mukutte kubayala (musinkanyizza emibiri gyammwe)…}. Ekigendererwa muyo kwegatta namukyala munsonga z'obufumbo okusiinziira kukigambo ekisiinga okubeera ekituufu kubigambo bwabamanyi ebibiri, era nga kyekigambo kya Ibn abbas n'abamanyi abasinga obungi.

OMUSOMO OGWEKUMI N’ETTAANO N’EKUMI N’OMUKAAGA: ENNEYISA EY’ALAGIRWA ERI BULI MUSIRAAMU, N’EMPISA Z’OBUSIRAAMU.

Enneyisa eyalagirwa eri buli musiraamu mulimu:

Amazima, obwesigwa, obukakkamu, ensonyi, obuzira, okugaba, okutuukiriza (endagaano, obweyamu), okwewala buli Allah kyeyagaana, okuyisa obuluungi omulirwano, okuyamba abalina obwetaavu okusiinziira kubusobozi bwo, nempisa endala eziringa ezo ezayogerwa mu Qura’n eyekitiibwa nemusunnah za Nabbi (s.a.w) nti z’alagirwa.

Empisa z’obusiraamu mulimu:

Okutoola salaamu, okumwenya, okuliisa n’okunywesa omukono ogwaddyo, okwo saako empisa ezalagirwa nga oyingira omuzikiti, oba enyumba n’okufulumamu, n’empisa z’olugendo, okuyisa obuluungi abazadde n’abenganda, n’okuyisa obuluungi abantu bonna abakulu n’abato, okwozayoza (oyo yenna afunye ekiruungi) nga ezzadde, okukubagiza n’okusaasira abo abafunye obuzibu (nga okufiirwa), nempisa endala ez’obusiraamu eziringa ezo.

Oluvannyuma lw’omuwandiisi wekitabo kino okunnyonnyola ebifuga obusiraamu ebinene nebitono mumusomo oguyise, yayagala okunnyonnyola abasiraamu abaabulijjo ezimu kumpisa z’obusiraamu n’enneyisa eyalagirwa eri buli musiraamu, kati kiri gyooli muganda wange omusiraamu –nsaba Allah akwanguyize eri buli kiruungi kyayagala- okuzikolerako osobole okubeera ekyokulabirako ekiruungi eri abantu nempisa zino ez’obusiraamu ezekika ekyawaggulu, Obujulizi bunji okuva mu Qura’n eyekitiibwa ne suunah za Nabbi (s.a.w) obulaga okkubiriza okwamaanyi mukuzeekwatako, era singa sikutya kuwanvuya nnyo bigambo byange nandibadde bwonna mbunnyonnyola. Naye ekyolulabirako kyo ekisiinga obuluungi mukuzeekwatako ye

Nabbi (s.a.w). Maama Aisha (Allah yasiima kuye) yabuuzibwa kumpisa za Nabbi (s.a.w) n’agamba nti empisa ze zonna yali Qura’n eyekitiibwa; Yali musajja wamazima, mwesigwa, mwesimbu, muzira, mugabi nnyo, era nga yewala nyo buli kyonna Allah kyeyagaana, Era baswahaba be b’agoberera obuufu bwebumu – okusaasira kwa Allah kubeere kubo bonna- .

Era obusiraamu bwasaasaana muntandikwa olwenkolagana ennungi abasuubuzi abasiraamu gyebalina n’abantu abalala, baali b’amazima, beesigwa, beesimbu mubuli kimu, kalenno kisaanidde eri buli musiraamu okufuba okulaba nga abeera omu kwabo abateendebwa n’empisa ennungi, oteekeddwa okuba owamazima mubikolwa nemubigambo, mwesigwa kubuli kintu kyonna kyolina, omukakkamu atalulunkanira biri mumikono gyabalala, era obeere ow’ensonyi, ow’empisa, omuzira, omutuukiriza, alekayo ebyo byonna Allah byeyaziiza, olongoose eri mulirwana kuba byakubanja bingi, era oyambe oyo yenna alina obwetaavu kuba Allah ayamba omuddu ebanga omuddu lyamalanga naye ayamba banne. Toolera salaamu oyo gwomanyi negwotomanyi kubanga ekyo kiri musunnah kireetawo okwagalana wakati wamwe, era nekijjawo obukukuuzi n’okwawukana, beera musanyufu buli lwosisiinkano banno abasiraamu kubanga ekyo kiri muswadaqa, kola ebyo omubaka (s.a.w) byeyakulagirira okkola, nga okuliisa n’okunywesa omukono ogwaddyo, era nyerera ku sunnah y’okuyingiza okugulu okwa ddyo mumuzikizi n’okusoma edduwa nga oguyingira nenga ogufuluma, wekwate nnyo kudduwa nga oyingira enju nenga ofuluma Allah ajjakukuuma, teweerabira dduwa yalugendo bwoba nga otambula, longoosa eri bakadde bo era weyise buluungi gyebali era omanye nti ebivunaanyizibwa byabwe gyooli bingi era by’amaanyi. Okusiinziira kubujulizi obuli mu Qura’n eyekitiibwa n’enjigiriza ya Nabbi (s.a.w) tolagajjalira nsonga zino sikuba nti wejjusa mukiseera okwejjusa lwekutagenda kuyamba, nga era bwotalina kwelabira kuyisa buluungi banganda

zo, n’abantu bonna abakulu n’abato kubanga okweyisa obuluungi ndagiriro yabwakatonda era yabwanabbi. Allah y’agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَأَحۡسِنُوٓاْۚ إِنَّ ٱللَّهَ يُحِبُّ ٱلۡمُحۡسِنِينَ ١٩٥ ﴾ البقرة: ١٩٥

{Longoosa kubanga mazima ddala Allah ayagala nnyo abalongoosa}.

Nabbi (s.a.w) y’agamba: ‘‘Mazima ddala mwe temusobola kuwangula mitima gy’abantu nasente zamwe, wabula nakumwenya kwabyenyi bwamwe’’.

Era n’agamba Muathi nti: ‘‘Tya Allah, era ogobereze buli kibi ekiruungi kikyisiimuule era weyise mubantu nempisa ennungi’’. Yozaayoza abafunye ezzadde, era obasabire edduwa emanyiddwa kwekyo, kubagiza abafiiridwa ojja kufuna empeera kwekyo, era wekwate kumpisa z’obusiraamu zonna ezisigadde, era weewale empisa zonna embi, - nsaba Allah fenna atufuule abaddu abeekwata kumpisa ennungi ezatulagirwa, era atuteeke mwabo abeewala empisa embi kubanga mazima ddala kubuli kintu kyonna muyinza,

OMUSOMO OGWEKUMI NOMUSANVU: OKWEKESA SHIRK N'AMAZAMBI GATALI GAMU.

Oluvannyuma lwokunnyonnyola enneyisa eyatulagira n'empisa ez'obusiraamu mumusomo oguyise sheikh yazzako okwogera mumusomo guno obubenje bwa shirik, n'okumwekesa, awamu n'amazambi amalala gonna, nga mugo mulimu amazambi gannamuzisa omusanvu, abantu bekibiina kya Nabbi (s.a.w) basobole okwewala okugagwamu, oba okugwa mugamu kugo. Amazambi gano muli:

1: Okugatta ku Allah n'ekintu ekirala (shirik).

2: Eddogo.

3: Okutta omwoyo Allah gweyagaana okutta okujjako mumazima.

4: Okulya (emaali) ya Ribah.

5: Okulya emaali yabamulekwa.

6: Okudduka mulutabaalo.

7: Okutemerera omukyala omufumbo, omukakkamu omukkiriza nekikolwa ekyobwenzi.

Mumazambi amalala mulimu:

Okujeemera abazadde, Okkutulawo oluganda, okuwa obujulizi obwobulimba, Okulayira okwobulimba, okunyiiza mulirwana, n'okulyazaamanya abantu mumisaayi gyabwe, nemaali yabwe, n'ebitiibwa byabwe, n'amazambi amalala agalinga ago Allah geyatugaana n'omubaka (s.a.w).

Hadith nga eva ku Abi Huraira (Allah yasiima kuye) nga agijja ku Nabbi (s.a.w) y'agamba:

(اجتنبوا السبع الموبقات, قالوا وما هي يارسول الله؟ قال: الشرك بالله, والسحر, وقتل النفس التي حرم الله إلا بالحق, وأكل الربا, وأكل مال اليتيم, والتولي يوم الزحف, وقذف المحصنات الغافلات المؤمنات)

(Mwewale amazambi omusaanvu gannamuzisa, nebamugamba nti gegaliwa owange omubaka wa Allah? N'abagamba: Okugatta ku Allah nekintu ekirala, eddogo, okutta omwoyo ogutalina musango, okulya ribah, okulya emmaali yabamulekwa, okudduka mulutabaalo, n'okutemerera omukyala omufumbo omukakkamu omukkiriza n'ekikolwa eky'obwenzi).

Bwatyo ewekitiibwa Nabbi (s.a.w) bweyatwekesa amazambi gano omusaanvu nga kitegeeza nti omukkiriza alina okuba ewala ennyo nago, amazambi gano g'atumibwa gannamuzisa kubanga gazikiriza oyo yenna agakola kuno kunsi nekunkomerero nga bwetwalabye obubi bwa shirik mugumu kumisomo egiyise.

Ate lyo eddogo bitera kuba bifundikwa abalogo mwebassa eddogo lyabwe n'ekigenderwa okyokulumya emyoyo n'emibiri gy'abalala, era mulyo mulimu erilwaza oluusi litta n'okutta era nga lyawukanya wakati wabafumbo ababiri, era mulyo mulimu elyobufuusa eriroga amaaso g'abantu naye nga mubutuufu by'olaba tebiriiyo. Allah y'agamba:

قَالَ تعَالَىٰ: ﴿ قَالُواْ يَٰمُوسَىٰٓ إِمَّآ أَن تُلۡقِيَ وَإِمَّآ أَن نَّكُونَ أَوَّلَ مَنۡ أَلۡقَىٰ ﴿٦٥﴾ قَالَ بَلۡ أَلۡقُواْۖ فَإِذَا حِبَالُهُمۡ وَعِصِيُّهُمۡ يُخَيَّلُ إِلَيۡهِ مِن سِحۡرِهِمۡ أَنَّهَا تَسۡعَىٰ ﴿٦٦﴾ ﴾ طه: ٦٥ - ٦٦

{Nebagamba nti: owange Musa oba (ggwe sooka) osuule omuggo gwo oba ffe tubeere abasooka okusuula (egyaffe). N'abagamba nti: Wabula (mmwe musooke) musuule okugenda okulaba nga emigwa n'emiggo gyabwe nga gimufaananira (ye musa) ku lw'eddogo lyabwe nti ddala gyo gitambula}

Era nga eddogo liri haraamu kubanga kuba kuwakanya (kafuwalira) Allah era nga limenyawo obukkiriza wamu n'okwawula Allah owekitiibwa. Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ وَمَا يُعَلِّمَانِ مِنْ أَحَدٍ حَتَّىٰ يَقُولَآ إِنَّمَا نَحْنُ فِتْنَةٌ فَلَا تَكْفُرْ ۖ ﴿١٠٢﴾ ﴾ البقرة: ١٠٢

{Wabula (bamalayika abo bombiriri) tebaayigiriza nga muntu n'omu nga tebamutegeezezza nti: Ffe tuli kikemo n'olwekyo tokaafuwala}.

Ekibonerezo kyomulogo kuttibwa, n'amazambi amalala gonna agogeddwa muhadith, n'amalala sheikh g'ayogeddeko oluvannyuma lwago gannamuzisa omusanvu, gonna gali haraamu g'aziyizibwa n'obujulizi obuva mu Qura'n nemunjigiriza ya Nabbi (s.a.w) nekiba nti kyatteeka eri buli musiraamu okugewalira ddala, era nga bwaba agudde mulimu gugo alina okulivako mangu ddala n'okwejjusa lwaki alikoze, n'okumalirila obutaddayo kulikola mulundi mulala wadde okukola amazambi amalala, n'okugaana abo b'alinako obuyinza okkola amazambi, era alina okwekesa baganda be abasiraamu obutagagwamu, era n'abannyonnyola akabi k'ago eri eddiini yabwe, kubanga okubeekesa kamu kububonero obulaga okuyambagana kukkola obuluungi n'okutya Allah, era kiri mukulagira empisa ennungi n'okuziyiza empisa embi, n'okkowoola okudda eri Allah, Era nga lino lyekkubo lyaba Nabbi (Okusaasira kwa Allah kube gyebali). Allah y'agamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ قُلْ هَٰذِهِۦ سَبِيلِىٓ أَدْعُوٓاْ إِلَى ٱللَّهِ ۚ عَلَىٰ بَصِيرَةٍ أَنَا۠ وَمَنِ ٱتَّبَعَنِى ۖ ﴿١٠٨﴾ ﴾ يوسف: ١٠٨

{Gamba (owange gwe Muhammad) nti lino lyekkubo lyange mpita (abantu okujja) eri Allah nga ndi kukulaba okukakafu (okumanya) nze n'oyo angoberedde}.

Tusaba Allah atwekese n'abasiraamu bonna okugwa mumazambi, era atunyweze n'ekigambo ekinywevu mubulamu buno obwensi

nekunkomerero, mazima Allah awulira era ayanukula edduwa z’abaddu be, nsaba Allah asse okusaasira kwe eri Nabbi waffe Muhammad n’abenju ye nebaswahaba be bonna.

OMUSOMO OGWEKUMI N'OMUNAANA: OKUTEEKATEEKA OMUFU N'OKUMUSAALIRA.

Okuteekateeka omufu:

1: Bwetukakasa nti omuntu afudde tuzza amaasoge era netumusiba akaba.

2: Mukumunaaza: Tubikka kubwerere bwe, oluvannyuma netumuwanikamu katono netumunyiga olubuto mpola mpola ebikyafu bisobole okufuluma, oluvannyu anaaza asiba ekiwero kungalo ze oba n'ayambala giravu, oluvannyuma n'ataandika okumufunisa wudhu nga bwetugifuna nga tugenda okusaala, oluvannyuma amunaaza mumutwe n'ekirevu nga akozesa amazzi agalimu ssidiri oba sabbuuni, oluvannyuma amunaaza oludda olwaddyo, nazzaako olwakkono, ekyo akikola emirundi esatu, nga ayisa engaloze kulubuto lwe mpola mpola kubuli mulundi, singa omufu avaamu ekintu kyonna anaazaawo oluvannyuma n'azibikirawo nepamba oba n'ekiwero, singa tewaziba akozesa ekintu ekirala kyonna okusiinziira kumbeera y'obusawo empya, oluvannyuma addamu n'amufunisa wudhu bupya singa tatukula kumirundi esatu ayongerako okutuuka kumiruundi etaano oba musaanvu, oluvannyuma n'amusimuula n'olugoye olukalu obuluungi, era n'amusiiga kalifuuwa kubiyungo webyegattira nebifo ebivunnamirwako, naye singa amusiiga kaifuuwa omubiri gwonna kyekisingako obuluungi, oluvannyuma n'asiigako nekusanda. Singa amasulubuge n'enjala ze biba biwaaanvu bikendezebwako wabula tasanirirwa nviiri, ate bwabanga mukyala enviiri ze zawulwamu ebituttwa bisatu nezisibibwa emabega.

3: Okuzinga omufu: Ekisinga obuluungi omusajja kumuzinga musanda enjeru satu nga temulimu kanzu wadde ekitambaala, azingibwa oluzinga, naye singa asokebwako ekanzu n'enkutu n'ekitambaala kumutwe oluvannyuma nazigibwako esanda kungulu tewali buzibu, ate ye omukyala azingibwa musanda enjeru

taano nga kuliko akakaaya, enkutu nekibikka waggulu saako essuuka bbiri ezimuzingibwamu.

Ate ye omwana omuto omulenzi azingibwa okuva kusanda emu okutuuka kusatu ate bwaba nga mwana muwala muto asokebwako essuuka nga eringa akateekeeyi oluvannyuma n'azingibwako esanda bbiri kungulu.

4: Abantu abalina enkizo mukunaaza omufu, n'okumusaalira, n'okumuziika abo bonna beyalaamira, oluvannyuma kitaawe, oba jajja we, nekuddako abenganda ze abokumpi nga enganda bwezigenda zigoberera eri abo abamusikira.

Ate ye omukyala, abalina ekizo okumunaaza beebo beyalaamira, nekuddako maama we, oluvannyuma jajja we omukyala, nekuddako abenganda ze mubakyala. Ate bbo abafumbo ababiri buli omu akkirizibwa okunaaza munne kubanga Abubakar (Allah yasiima kuye) bweyafa mukwala we yamunaaza, era ne Ali mukyala we (Fatuma) bweyafa yamunaaza.

5: Engeri omufu gy'asaalirwamu:

Esswala y'omufu erina takbiiraati nnya.

1: Oluvannyuma lwa takbiira esooka osoma Surat Alfaatiha, naye singa oluvannyuma lwayo osomerako essuula yonna ennyimpi oba a'ya emu kiba kiruungi olwa hadith ya Ibn Abbas Allah yasiima kuye.

2: Oluvannyuma n'aleeta takbiira eyokubiri, n'asaalira Nabbi (s.a.w) nga bwomusaalira mutayiyyatu.

3: Oluvannyuma n'aleeta eyokusatu n'asoma edduwa eno (Allahuma igfir lihayyina wamayyitina, washahidina wagaa ibina, waswagiirana wakabiirana, wazhakarina, wa uni thaana, Allahuma man ahyayitahu minna fahayyihi alaa al-isilaamu waman tawafayitahu minna fatawaffahu alaa al-imaan, Allahuma igfir

lahu, war hamuhu, wa a'fiihi, wa a'fu anuhu, wa akrimu nuzulahu, wawasi ei mudikhalahu, wagisiluhu bil maa ie wathalji wali baladi, wanaqqih mina dhunuubi wal khatwaaya kama yunakka thaubu al abiyadhu mina danasi, wa abudiruhu daala khairan min diyaarih, wa ahalan khairan min ahalihi wa adi khirhu al janna wa a idhuhu min azhaaba al qabur, wa azhaaba naari wa afswah lahu fii qaburih, wanawir lahu fiih. Allahuma laa tahrimuna ajrahu walaa tadhilluna baadahu).

4: Oluvannyuma n'aleeta takibiira eyokuna n'asaza salaamu emu kundyowe.

Kiri sunna okuwanika emikono kubuli takibiira, era omufu bwaba mukyala agamba (Allahuma igfir lahaa), ate singa abafu baba babiri agamba (Allahuma igfir lahuma) ate singa baba baanji (Allahuma igfir lahum), naye singa afudde libadde bujje agamba mukufo kyokumusabira okumusonyiwa (Allahuma iji aluhu faratwan wadakharan lir waalidaih, washafii ie mujaaba, Allahuma thaqqil bih mawaazinahuma, wa a azhamu bih Ujuurahuma, wa al hiquhu bisswaleh al mu auminiina, waji aluhu fii kafaalat ibrahiimu, (a.s.w) waqih birahumatika azhaaba al jahiimu).

Okusiinziira kunjigiriza ya Nabbi omufu bwaba musajja Imaam ayimirira okumpi n'omutwe gwe, ate bwaba mukyala ayimirira wakati era omufu omusajja yalina okulinaana Imaam singa musaalira omusajja n'omukyala era omukyala n'aba nga yalinaanye ekibula, ate singa mubeeramu abaana abato, omwana omulenzi, akulembezebwa kumukyala oluvannyuma lwomusajja nekuddako omukyala nekuddako omwana omuwala. Abasaalira bonna babeera mabega wa Imaam okujjako singa omu tafuna wasaalira mabega wa Imaam ayimirira kuddyo we.

Amateendo amaluungi ga Allah yekka okusaasira nemirembe bibeere eri Nabbi Muhammad n'abenjumba ye nebaswahaba be bonna.